# *Ebibuuzo Ebikwata Ku Kitabo Ky'Olubereberye, n'Okuddibwamu Kwabyo*

Kati, bwe wabaawo omuntu yenna alina ebibuuzo bye yandyagadde okuwaayo, tewali buzibu, mubiweereze waggulu eno, musobola okubiwa omwana n'abireeta oba engeri endala yonna gye mwagala okubiweerezaamu. Oba, weesanga, bwe tunaaba tumalirizza. . .Wano nni—nninawo nga mukaaga ku muko gumu, n'ebirala wano eno, bwe tubimala tulinawo n'ebirala bibiri wali.

2 Kati, tu. . .twagala kuzuula. Ensonga lwaki kino tukikola kwe kuzuula ekiri mu birowoozo by'abantu, kiki kye balowooza. Olaba? Era ekyo kye kikola ekkanisa ennungi, ennywevu. Olina okufunayo e—ebiseera, kiringa bw'ogenda n'okuulaamu kikwatandiga, nga bwe mumanyi, na buli kimu kyonna, n'oggyamu e—ebintu byonna osobole okutambula obulungi. Kale kaakati eyo y'ensonga lwaki obw'olumu tufunayo akawungeezi nga kano ak'okubuuza ebibuuzo, tuba twagala kuzuula.

3 Kati, bwe wabaawo ekibuuzo kyonna eki. . .Kati, ku mulundi guno ssaabakugidde, nnabawadde akakisa mubuuze buli kimu kyonna. Era nnagambye nti. . .Kati, edda nnateranga okugamba nti, "Kati, bwe wabaawo omuntu yenna. . . alina ekintu kyonna ekikwata ku—ku Byawandiikibwa; tujja kukyanukula. Kibuuze." (Weebale, ow'oluganda.) Era nnagamba nti, "Ekintu kyonna ekikwata ku Byawandiikibwa; tujja kukyanukula." Mukiraba, era twakyanukulanga. Naye akawungeezi ka leero nnagambye nti. . .

4 Omanyi, era baaweerezanga, ne bambuuza nti, "Ow'oluganda Bill," ne bambuuza ekibuuzo nti, "olowooza singa—singa—singa *Gundi* akola ekintu *bwe kiti*, obwo buba Bukristaayo?"

5 Kati, ekyo kiba nga kweggyako buvunaanyizibwa. Naye nnagambye nti, "Akawungeezi ka leero eby'engeri eyo nabyo babibuuze." Mukiraba, tewali buzibu mubibuuze. Tulabe oba nga waliwo okweggyako obuvunaanyizibwa okw'engeri yonna.

6 Ha, mpu—mpu—mpulira bulungi nnyo akawungeezi ka leero. Nnasaaye omuddo ettuntu lyonna, kale mpulira bulungi nnyo, mbadde wabweru mu kasana akookya.

7 Kati tulina o—olukuŋŋaana olunaatera okubaawo mu kiseera ekitali kya wala, temwerabira. Nga abiri mu ssatu

Agusito, mu Kisaawe mu Chicago, okutuusa nga ttaano Sebutemba. Tusuubire okubaayo n'ekiseera ekirungi ennyo ddala mu Mukama waffe. Era kati kirangiddwa buli wamu wonna, kikubiddwa ne mu mpapula z'amawulire ez'enjawulo. Era tusuubira okuba n'ekiseera ekinyuvu.

8 Kati, nninawo ebibuuzo kimu, bibiri, bisatu, bina, bitaano, mukaaga, ndowooza, ku muko gumu. Era kyenkana byonna bikwata ku kintu kimu, bibuuza ku—ku Kitabo ky'Olubereberye.

9 Kati, ekisooka kibuuza ku Olubereberye 1:26, manyanga 1:26 okutuusa ku 28, awo we wali—omuntu alina e. . . yabuuzizza kye kitegeeza. Kiki—kiki ekibuuzo kino. . . manyanga, ky'ekibuuzo kye yabuuzizza, munsonyiweko. Era twagala tusooke tukisome. Era kati, yakiwandiiseewo wano. Bwe muba mwagala okukigoberera eyo, tewali buzibu. Yagambye nti, "Katonda n'atonda omuntu, omusajja n'omukazi bwe Yabatonda." Mukiraba? Kati ate awaddako alinawo Olubereberye, manyanga, oba omusajja oba omukazi eyabuuzizza, kyonna ky'ali, alinawo Olubereberye 2:7, "N'abumba omuntu okuva mu nfuufu y'ensi." Ekyo kifo kirala. Byonna ŋŋenda kubisoma, tusobole okubifuna byonna wamu musobole okulaba. Kati ekisooka, ekitundu ky'ekibuuzo kino ekisooka, kigamba nti:

1. **"Katonda yatonda omuntu, omusajja n'omukazi. Yatonda omuntu, omusajja n'omukazi."** Kati ekyo, ndowooza y'ensonga esooka. **Kati mu Lubereberye 2:7, wagamba nti, "Yabumba,"** (n'akisaazaako omusittale) **"naye mu kusooka Yatonda."** Ekyo nakyo. . . yakisaazizzaako omusittale. **"Ate n'abumba"** (n'akissaazaako omusittale) **"omuntu okuva mu nfuufu, n'afuuwa mu nnyindo ze omukka," n'ebirala. Kati, waliwo njawulo ki, oba kakwate ki akali wakati w'Ebyawandiikibwa ebyo waggulu?**

10 Kaakati, kino kiri. . . Kati, bwe muba mubiwandiika, Olubereberye 1:26 okutuuka ku 28, ne Olubereberye 2:7. Kati, eno nsonga ya kwegendereza nnyo, era nnyinza—nnyinza obuta. . . Nnina engeri yange gye nkitegeeramu nga nze, kale ŋŋenda kukikuwa nga bwe mpulira bwe kiri. Ggwe bw'onaaba okitegeera mu ngeri ndala, ekyo, nakyo tekirina mutawaana.

11 Njagala okusiima Ow'oluganda Neville olw'okwanukula okulungi kw'ayanukudde eri ebibuuzo ebyo. Kati, kwanukula kulungi nnyo.

12 Kati, mu kino, Olubereberye 1:26, Katonda yakola omuntu mu kifaananyi Kye Ye. Era bwe weetegereza, leka tukibikkule musobole okukisoma, n'olwa 26. . . Bw'oba wandyagadde okusomera awamu naffe, tunaasanyuka ggwe—ggwe okukikola, okakase bye nsoma.

*Era Katonda n'ayogera nti, Leka tukole omuntu mu ngeri yaffe, mu kifaananyi kyaffe: bafugenga eby'omu*

> *nnyanja, . . .* n'ebibuuka *mu bbanga, . . . n'ente, . . .* eby'oku *nsi, na buli ekyewalula ku nsi.*
>
> *Katonda n'atonda omuntu mu ngeri ye, mu kifaananyi kya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi bwe yabatonda.*

13 Kaakati, ekyo . . . Ekyo nkiwulidde nga bakikubaganyaako ebirowoozo emirundi mingi, era okwetoloola ensi yonna, ensonga eyo babeera bagikubaganyaako ebirowoozo. Kati mu Olubereberye 2:7, mwekkaanye kye Yakola wano. Kale, Kiikino:

> *Katonda . . . n'abumba omuntu* okuva *mu nfuufu y'ensi, n'amufuuwamu mu nnyindo omukka ogw'obulamu; omuntu n'afuuka omukka omulamu.*

14 Kati, kubumbibwa kwa ngeri ki . . . ? Nna—nnanyini kibuuzo ayagala okubuuza nti:

> **Ekyawandiikibwa kino ekya Olubereberye 1:26 kirina kakwate ki n'ekya Olubereberye 2:7?** Katonda yatonda abantu ba ngeri bbiri. **Era muntu ki ku bombiriri, era kiki . . . Ebibiri ebyo birina kakwate ki? Kiki . . . ? Bikwatagana bitya mu Byawandiikibwa?**

15 Kale, kati, bwe weetegereza obulungi, mu Lubereberye 1:26, leka tusooke tufune ekitundu ekisooka. Katonda yagamba nti, "Leka Tukole." Kaakati, "leka Tukole," *ffe* ki . . . "Leka Tukole omuntu mu ngeri Yaffe." *Yaffe*, weewaawo, tukitegeera nti Alina Omuntu gwe yali ayogera naye, Alina Omuntu omulala gwe yali ayogera naye. "Leka Tukole omuntu mu ngeri Yaffe era mu kifaananyi Kyaffe, bafugenga ente ez'oku ttale."

16 Bwe weetegereza, mu kutonda, ekintu ekyasooka okutondebwa, weewaawo, kyali kitangaala. Bwe weeyongera mu maaso mu kutonda nga bwe kwajja kubaawo, ekintu ekyasembayo okutondebwa kyali kiki? Yali musajja. N'omukazi n'akolebwa oluvannyuma lw'omusajja. Kale, ekyasooka . . . Ekyasembayo okutondebwa, mu bitonde bya Katonda, baali bantu.

17 Naye Katonda bwe yakola omuntu We eyasooka, bw'oba weetegerezza, Yamukola mu kifaananyi Kye, yakolebwa mu kifaananyi kya Katonda. Kati Katonda kye kiki? Kati, singa tuzuula Katonda kyali, tusobola okuzuula muntu wa ngeri ki gwe Yakola.

18 Kati mu njiri y'Omutukuvu Yokaana, essuula ey'o 4, era nja . . . kino mukisome, Yesu bwe yali ayogera n'omukazi mu . . . bwe muba mwagala okubikkulayo. Ssi . . . ssaabadde na budde bumala, ssaasobodde kubiwandiika, nnabikutte bukwasi mu birowoozo. Kale musobola okubinoonya, nange ndabe oba nga nsobola okukifuna mu bwangu. Kati leka tutandikire ku ssuula ey'o 4, olunyiriri olw'e 14:

Era *buli* anywa *ku mazzi* gano *nze ge ndimuwa ennyota terimulumira ddala emirembe gyonna; . . .* ganaafuukanga ensulo *ez'amazzi nga gakulukuta okutuuka ku bulamu obutaggwaawo.*

*Omukazi* n'amugamba *nti, Ssebo, mpa amazzi ago, nneme*. . . nkome *okutambula olugendo luno lwonna okusenanga.*

*Yesu* n'amugamba nti . . . *Genda*, *oyite balo,* . . .

*Omukazi n'addamu n'amugamba nti* . . .

19 Nzikiriza tulina okweyongerako waggulu okusukka awo, okusobola okuzuula, okuzuula kye—kye njagala mulabe wano. Ob'olyawo nedda, ndowooza nsobola okukisanga bwe nneeyongera wansi, kye njagala okulaba. Ogambye ki? Olunyiriri 23 n'olwa 24. Kale.

*Mmwe musinza* . . . (kye kino) . . . *Mmwe musinza* naye *kye mutamanyi: ffe tusinza kye tumanyi: kubanga obulokozi bwa Bayudaaya.* (era ekyo bwe kiri, mukiraba)

*Naye ekiseera kijja,* . . . *Naye ekiseera kijja, era kituuse, abasinza ab'amazima* (Abayudaaya oba Ab'amawanga) *lwe banaasinza Kitaffe mu mwoyo n'amazima: kubanga Kitaffe anoonya abali ng'abo okubeera ab'okumusinzanga.*

20 Kati, olunyiriri oluddako we njagala:

*Katonda gwe Mwoyo: n'abo abamusinza kibagwanira okumusinzanga mu mwoyo n'amazima.*

21 Kati, Katonda bw'aba yatonda omuntu mu kifaananyi Kye era mu ngeri ye, muntu wa ngeri ki gwe Yatonda? Muntu ow'omwoyo. Kaakati, bwe weetegereza, bwe Yamala okukola ebitonde byonna, n'atonda n'omuntu ow'omwoyo, kino bw'onaakisoma n'obwegendereza n'okyekkaanya kati (eri oyo eyabuuzizza ekibuuzo) ajja kukizuula, nti Katonda obuyinza ku nte n'ebyennyanja na buli kimu kyonna yabuwa muntu. Naye, mu kutonda Kwe waggulu wali, Yakola omuntu mu kifaananyi Kye Ye asobole okukulembera ente, okukulembera ensolo ez'oku ttale, nga Omwoyo Omutukuvu bw'akulembera omukkiriza leero. Mukiraba?

22 Mu ngeri endala, Adamu, ye yali, omuntu eyasooka mu bitonde bya Katonda eby'eddaala erya wansi. Obutonde obwasooka yali Katonda Mwene; okuva mu Katonda ne wajja Logos, nga ye yali Omwana wa Katonda; ate okuva mu Logos, nga kye kyali Ekigambo, ("Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'ayambala omubiri n'abeerako gye tuli."), okuva mu Logos ne wajja o—omuntu.

23 Ha, nnina ekifaananyi ekirungi mu birowoozo byange mu kaseera kano, bwe muba musobola okutambulako nange. Nzikiriza nnali nkyogeddeko, naye njagala nzigyeyo ekintu kino mu bulambulukufu nkituuse we munaasobolera okukiraba. Kati, leka tutambuleko tuddeyokko emabega. Kati, ebirowoozo byaffe ka tubiggye ku bbugumu lye tuwulira, tubiteeke ku kye tugenda okwogerako era tukirowoozeeko mu kaseera kano.

24 Leka tuddeyo emabega emyaka obukadde kikumi nga tewannabaawo yadde emmunyeenye, yadde omwezi oba ekintu kyonna mu nsi. Kati, waliwo ekiseera wano lwe wataaliwo kintu kyonna, nga mirembe na mirembe na Butaggwaawo byokka. Era emirembe n'emirembe egyo n'Obutaggwaawo byonna Yali Katonda, Ye yaliwo mu lubereberye.

25 Kati, leka tufulume wabweru tugende wano ku mabbali g'olugo luno tutunule wansi tulabe ebintu bino nga bwe bibaawo.

26 Kati, "Tewali muntu yenna yali alabye ku Kitaffe." Tewali muntu yenna ayinza kulaba Katonda mu nkula ey'omubiri, kubanga Katonda tali mu nkula ya mubiri, Katonda Mwoyo. Mukiraba? Kale. "Tewali muntu yali alabye ku Kitaffe, wabula omu yekka eyazaalibwa Kitaffe y'amutegeeza," Ebbaluwa 1 . . . eya Yokaana, okiraba.

27 Kati, naye mwetegereze kati, tewali kintu kyonna, waliwo bbanga lyokka. Tewali kitangaala, tewali kizikiza, tewali kintu kyonna, kirabika nga bbanga jjereere. Naye munda omwo mulimu Oyo omukulu asukkulumye obutonde, Yakuwa Katonda, Abuutikira ebbanga lyonna ery'ebifo byonna ekiseera kyonna. Yaliwo okuva emirembe n'emirembe okuva emirembe gyonna, Ye ntandikwa y'obutonzi. Oyo ye Katonda. Tosobola kulaba kintu kyonna, tosobola kuwulira kintu kyonna, tewali ka atomu konna katambula mu bbanga, tewali kintu kyonna, tewali mpewo, tewali kintu kyonna, naye Katonda yaliwo. Oyo ye yali Katonda. (Kati leka twekkaanye okumala eddakiika entonotono, oluvannyuma lw'akaseera . . .) Oyo tewali muntu yenna yali amulabye, kati, Oyo ye Kitaffe. Oyo ye Katonda, Kitaffe.

28 Kaakati mulabeeyo. Awo oluvannyuma lw'ekiseera ne ntandika okulaba Akatangaala akatono akatukuvu nga katandika okutondebwa, nga enkulungo y'akatangaala oba ekintu bwe kityo, wali osobola kukalaba nga okozesa maaso ga mwoyo gokka.

29 Naye kati mulabeeyo, nga bwe twetegereza, ekkanisa yonna kati. Tuyimiridde ku mabbali g'olugo olunene, twekkaanya Katonda by'akola. Kati oluvannyuma tujja kukomawo ku kibuuzo kino wano tulabe engeri gy'Akireetamu.

30 Kati, tewali muntu yenna yali alabye Katonda. Era kati, ekiddako tutandika okulaba, nga tukozesa amaaso agasobola okwekkaanya ebisukkulumye ku butonde, tulaba Akatangaala

akeeru nga katandiikiriza okulabika. Kiki ekyo? Ekyo abasomi ba Bayibuli, baakiyita, "Logos," oba "ekyafukibwako amafuta," manyanga "amafuta," oba e. . .nga bwe mbadde ŋŋenda okugamba, nti e—ekitundu kya Katonda kyatandika okufuna enkula abantu basobole okufuna ekifaananyi ky'ekyo kye Kyali. Kaali, ka. . .Katangaala, nga katambula. Ya. . .Ekyo kye kyali Ekigambo kya Katonda.

31 Kati, Katonda Yeezaala n'avaamu Omwana ono eyaliwo nga tewannabaawo wadde ka atomu mu. . .manya nga tewannabaawo wadde empewo okukola ka atomu. Ekyo kyali. . .Mukiraba, Yesu yagamba nti, "Ngulumiza, ayi Kitange, mu kitiibwa kye Twalina nga n'ensi tennabaawo." Mukiraba, edda eri.

32 Kati, mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 1, Yagamba nti, "Ku lubereberye waaliwo Kigambo." Era ekyasooka. . ."Era Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'afuuka omubiri n'abeerako gye tuli." Katonda nga Yeebikkula, okufaanana nga omuntu. Kati mwekkaanye bwe Yakikola.

33 Kati, emabega eri, edda, tulabye enkulungo y'akatangaala kano nga katandiikiriza. Kati, tetunnabaako kintu kirala kyonna kye tulaba, naye nga tukozesa amaaso agasobola okwekkaanya ebisukkulumye ku butonde, tulaba enkulungo y'akatangaala nga kali awo. Kati, oyo ye Mwana wa Katonda, Logos. Kati, mmulaba ng'azannya ng'omwana omuto, mu maaso g'oluggi lwa Kitaffe, nga alimu Obutaggwaawo bwonna. Mukiraba? Era, kati, mu kufumiitiriza kw'ebirowoozo Bye Atandika okulowooza ku bintu bwe biyinza okuba, era mmuwulira nga agamba nti, "Leka wabeewo ekitangaala."

34 Era bwe Yakyogera, ne wabaawo ka atomu enjuba n'ebaawo. Enjuba eyo ne yeeyiringula okumala obukadde n'obukadde bw'emyaka, nga evaako ensasi ezimansuka, nga ebengeya, n'okuvaako obumansuka era nga bw'ekyakola n'okutuusa olwa leero; nga ebengeya, n'okumenyamenya bu atomu. Singa bbomu nnamuzisa emala n'emasulwa, olujegere olugatta bu atomu lwandi. . .ensi eno yandibadde ng'enjuba, eyo, nga ebengeya n'okuvaako obumansuka. Bwe wandiyimiridde ku ssemazinga omulala n'olengera ensi eno, yandirabise ng'enjuba endala, nga bu atomu obwo bubengeya ku nsi eno, singa olujegere olwo olubugatta lukutukakutuka ne butandika okwawukana, ne bugenda nga bweyiringula bwe butyo. Waliwo obukadde n'obukadde bwa mayiro okutuuka ku nnimi z'omuliro zino ennene ez'ebbugumu eriri mu buwumbi n'obuwumbi ku lupimo lw'ebbugumu olwa Fahrenheit, erya—erya—ery'ebbugumu eriva ku njuba eyo.

35 Kati, kaakati mulabeeyo kino. Kirungi nnyo! Kati, Akoze enjuba. Era kati, okugira kuti, ku njuba eyo ne kumansukako ekitundu ekinene, ekizitowa nga. . .kyenkana nga ensi eno,

ne kimansuka ne kivaako be “Spyu!” Nga Logos ono wano, Omwana wa Katonda, bwe yekkaanya, n’Akireka ne kiyiringita okumala emyaka obukadde kikumi n’Akiyimiriza. N’ekirala ne kimansuka ne kivaako, nakyo n’Akireka (bwe kyamansuka) ne kiyiringita okumala obukadde n’obukadde bw’emyaka, oluvannyuma n’Akiyimiriza. Kati, tuyimiridde, twekkaanya okulaba bwe byajja okubaawo.

36 Kati, Alina ky’alina mu birowoozo Bye, era kiki ky’Akola? Awandiika Bayibuli Ye eyasooka. Bayibuli eyasooka omuntu gye yasookera ddala okutunuulira zaali mmunyeenye, zodiyaka. Era ekwatagana bulungi . . . ne . . . Ekwatagana ne Bayibuli eno wano. Etandika, ekisooka mu zodiyaka ye mbeerera. Si bwe kiri? Ekisembayo mu zodiyaka kye kiki? Leo, empologoma. Ebyo nga byoleka Okujja kwa Yesu, Yajja okuyita mu mbeerera; ate omulundi ogw’okubiri, Ajja nga Empologoma ey’ekika kya Yuda. Mukiraba? Byonna yabyoleka, omulembe gwa kookolo, n’ebirala byonna nga bwe bijja bigoberegana. Kati, ebyo byonna Yabiteeka mu bwengula n’abyanja. Ebimyanso bino byonna, ebitundu by’ensi manyanga enjuba, bye tulaba mu bbanga.

37 Kati, ssaayansi bw’agenda okunoonya ebipapajjo ebyo ebyagwa, ekyo tekikakasa nti Katonda taliiyo, ekyo nze kinkakasa bukakasa nti gy’ali. Mukiraba, ekyo kyongera kukikakasa bukakasa. Kati, kaakati mulabeeyo, ebipapajjo bino byonna ebiwanuka okuva ku njuba eyo ebengeya, ne biyitiŋŋana mu bbanga, weewaawo, byakuŋŋaana wamu. Naye mumanyi ekyabaawo, byakwata ne bikola ekyazi.

38 Kati, eyo y’ensi eno engeri gye yajja okubaawo, kyali kitole ekinene eky’ekisiriiza ekyatulika okuva mu bwengula. Kati wansi waayo tewali kirala kyonna okuggyako olunyata lw’omuliro, olubengeya, lwokka, era wabaawo okuwandulwa kw’olunyata, buli wamu. Era ssaayansi agamba nti—nti ensi eno, ku ngulu kwayo, kwe tubeera, eringa kikuta kya apo. Era e . . . Kati, waliwo mayiro emitwalo ebiri n’ekitundu okwetoloola, ob’olyawo ziri mayiro kanaana (ezo kyenkana ze mayiro nga kanaana) obuwanvu. Kati kubamu akafaananyi, nga munda wansi eyo, lunyata olubengeya.

39 Ate nga ebitundu bibiri ku bisatu eby’ensi, ebitundu bibiri ku bisatu n’okusingawo, biri mu mazzi; nga kimu kya kusatu ky’ekiri ku lukalu, nga kimu kya kusatu. Nga n’akatundu kano akatono, ku ngulu kwe tubeera, kajjuddeko ebintu eby’obulabe ebisobola okutulika, ggaasi, petulooli, amafuta, buli kimu. Si bwe kiri? Kyokka nga ebitundu bibiri ku bisatu, ebitundu bibiri ku bisatu n’okusingawo, wajjudde mazzi. Ekibalanguzo ky’amazzi kiri kitya? Ebitundu bibiri ebya ayidologyeni n’ekitundu kimu ekya okisigyeni, byombi bisobola okutulika.

40 Mu buli kisenge mulimu amasannyalaze agamala okwawula

ebbugumu n'obunnyogovu, era gasobola okukola amasannyalaze agamala okutulisa ekisenge ekyo. Osobola okuteeka bu atomu obumala mu kapiira ke bakozesa mu muzannyo gwa goofu n'obalula ekibuga New York n'okisangula ku maaso g'ensi. Naye n'olaba omuntu, atudde ku ntamu ya ggeyeena, ne yeekulumbaza n'ajeemera Ekigambo kya Katonda, n'agamba mbu, "Ggeyeena teriiyo." (Ekyo nkirina wano eno wansi, era mu kaseera katono tujja kukituukako, mukiraba.) Otuula ku ntamu ya ggeyeena kwennyini buli lunaku. Ne wano wooli otudde ku yo kwennyini, ggeyeena ekuli wansi.

41 Kale kati, mwekkaanye, naye kati kino bwe kyasooka okuzuulibwa, Yesu bwe. . . Kati mwekkaanye enkulungo y'akatangaala kali eri. Kati nkalaba nga Kajja eri ensi eno ne kayimirira waggulu waayo ne katandika okugisenvula nga kagisembeza erudda wano okumpi n'enjuba. Nga ensi eringa omupiira gwa bbalaafu omunene. Kati bw'etandika okusaanuuka, agayinja ga bbalaafu aganene gatandika okugisalamu okuva eri mu bitundu eby'obukiikakkono nga bwe gakka. Era nga bwe gasala, gaasala ekibuga Kansas n'ekibuga Texas n'ebifo ebyo byonna, ne geeyongerayo okutuuka ku Kyondo kya Mexico. Okukkakkana, nga ekintu kyonna kibikkiddwa amazzi.

42 Kati, awo leka tudde mu Olubereberye 1, kati ka tudde mu Bayibuli, tulabe ekifaananyi kyaffe ekiri mu Bayibuli. Olubereberye 1, "Ensi yali njereere, nga yeetabuddetabudde; n'amazzi gaali ku ngulu ku buziba." Si bwe kiri? "Omwoyo gwa Katonda ne gumaamira ku ngulu ku mazzi." Awo, n'Ayawula amazzi, n'akukunulayo obusozi n'ettaka, n'ebirala; n'akaza amazzi agaali ku nsi. N'akola, ebimera na buli kimu kyonna. N'akola n'omwezi. N'ateekawo n'ensalo, z'agayanja, galeme kusala.

43 N'akuŋŋaanya wamu ebintu ebyo byonna, n'akola. . .?. . . N'akola ebintu ebirala byonna, ensolo zonna, ebinyonyi, enjuki, enkima, na buli kimu kyonna, byonna n'abiteeka wano ku nsi. Bwe yamala ebyo n'Abuuza ekibuuzo kino kati. "Leka Tukole" (B'ani? Taata n'Omwana) "tukole omuntu mu kifaananyi Kyaffe."

44 Katakati, omuntu bw'aba yakolebwa nga alinga Akatangaala kali akatukuvu ke twalabye wali, oba nga alinga ekintu bwe kityo, Akaali katasobola kulabibwa (ekitegeeza nti kyali Kitonde eky'omwoyo). Yeeyoleka manyanga Yeeyongera okwebikkula, n'Avaamu obusatu nga afuuka Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Era wano Katonda wuuno, nga kati Yeebikkudde, n'akka ku mutendera w'agambira nti "leka Tukole omuntu," nga omutendera ogwo y'eyali Omwana we, eyava mu Ye, "omuntu mu kifaananyi Kyaffe," omuntu oyo yali kitonde ekisukkulumye ku butonde. "Afuge ente ez'oku ttale, n'ebirala byonna."

45 Kaakati, omuntu ye yali akulembera omuntu . . . manyanga ye yali akulembera e—ente na buli kimu kyonna, nga Omwoyo Omutukuvu bw'akulembera omukkiriza ddala, yennyini ow'amazima leero. Eddoboozi lya Katonda eyo . . . Eddoboozi ly'omuntu, manya, lyayogeranga ne ligamba nti . . . ne liyita ente ne zijja oludda *luno*, ne liyita endiga ne zijja mu muddo erudda *eno*, ne liyita ebyennyanja ne bijja mu mazzi *gano* eno. Mukiraba, ye yali afuga, buli kimu kyali kimugondera.

46 Kaakati, naye ate tewaaliwo muntu alima nsi, Olubereberye 2, tewaali muntu alima nsi. "Awo Katonda n'abumba omuntu" (Olubereberye 2:7) "okuva mu nfuufu y'ensi." Kati Yagoberera . . . Yabumba omuntu okuva mu nfuufu y'ensi, n'addira ono ow'Omwoyo asukkulumye ku butonde n'amuteeka . . .

47 Kati, yali agalamidde awo. Nsobola okulaba ebifaananyi bingi nnyo eby'ekyo ekyabaawo. Ndaba Adamu nga ayimiridde . . . Leka tukirabe mu ngeri *bw'eti*, tumulabe nga ayimiridde nga omuti. Katonda yali amukoze. Yali awo nga mufu nga omufu bw'abeera; obugere bwe, nga busimbye mu ttaka, nga emirandira. Katonda n'agamba nti, "Leka wabeewo," manya n'amufuwaamu omukka ogw'obulamu, n'abuuka, n'abaamu obulamu. Yali . . . Yamufuuwamu omukka ogw'obulamu, n'afuuka emmeeme ennamu. Kati, awo n'atandika okutambula, n'agenda mu maaso.

48 Oluvannyuma Katonda n'atoola ku mbiriizi ze n'amuggyamu, olubiriizi, n'akola omukazi. Kati, omwoyo gw'omukazi, Yaguggya wa? Mukiraba? Bwe Ya . . . Mu Lubereberye 1:26, Yagamba nti, "Leka tukole omuntu mu ngeri Yaffe, mu kifaananyi Kyaffe—Kyaffe, Yabatonda (omuntu) omusajja n'omukazi." Yakola omwoyo ogw'ekiwago nga gwa musajja; n'Akola omwoyo omugonvu, omukkakkamu, ogw'okukwata n'obwegendereza, ogw'ekikazi nga gwa mukazi.

49 Era bw'olaba omukazi eyeeyisa nga omusajja, abeera avudde mu kifo kye, mukiraba, mwe yalina okuba ku lubereberye. Mukiraba? Kale. Alina ku . . . Ndowooza kya buswavu okuba nti abakazi tebakyali mu kifo kyabwe we balina okukwatibwa n'obwegendereza, nga abakazi. Kimalamu ensa. Mbakakasa, kiswaza. Ki . . . Omanyi, kino ŋŋenda kukyogera. Kati, ssoogera ku mmwe abakazi abali wano. Naye, bwe kiba, kya kubayisa bubi, ddala kigenda kubayisa bubi. Naye, mulabeeyo, muleke mbeeko ne kye mbabuuza. Nnazzikuno abakazi baalina ensonyi nnyingi okukamala okutuusa nti omusajja bwe yagendanga okwogera naye nga yeebwalabwala. Huh! Ye abaffe, okwebwalabwala kye kiki? Mmaze ebbanga ddene nnyo nga sikiraba omukazi ayinza n'okwebwalabwala ne sikitegeera. Tebakyalina kitiibwa ekyo mu bo, n'omwoyo ogwo ogw'ekikazi omugonvu. Kati bali awo bonna . . . Basobola . . . Ajja kwambala engoye ng'omusajja, asaleko enviiri ng'omusajja,

afuuwe sigala ng'omusajja, anywe omwenge ng'omusajja, avume ng'omusajja, akube akalulu ng'omusajja, akakaalukane ng'omusajja, ekinaavaamu, afuuke mugumu, era wa kiwago. O, bannange! Ekyo kiraga we mutuuse. Ky'ekyo kyennyini.

50 Omukazi oyo eyeeyisa nga omukyala, tokyasobola kumusanga, nnantalabikalabika. Si bwe kiri? Weewaawo, ago ge mazima. N'olwekyo omukazi talina kuyimirira kulaga lyanyi nga musajja, nga muwagguufu era wa kiwago, kuba omukazi wa kukwata na bwegendereza. Katonda bw'atyo bwe yamukola. Ekyo nsobola okukikakasa nga nkozesa Ebyawandiikibwa. Yee, ssebo. Bwe kiri. Era . . .

51 Naye, weewaawo, ekibuuzo kino tukivuddeko, naye ekibuuzo kino saagala kukivaako nnyo kugenda mu bingi. Naye, mulaba, awo we Yakolera omuntu gwe Yasooka okukola, yali mu kifaananyi kye.

52 Era kati, Katonda, bwe waali tewannabaawo wadde emmunyeenye, Yakimanya nti ensi eno yali ya kubaawo. Era Yakimanya nti ndiba William Branham nga mbuulira Enjiri okuva ku kituuti nga naawe oliba *John Doe* nga otudde awo ogiwuliriza, nga n'ensi tennabaawo. Aleruuya!

53 Kaakati, awo abantu oluusi, mu—mu abo abagoberera amateeka n'Abakaluviini, we batabulwa. Mukiraba? Babuuza nti, "Lwaki abamu baayawulirwa kubula?" Katonda yali tayagala muntu yenna kuzikirira. Tayagala muntu yenna kuzikirira, naye nga, bw'ali Katonda, Akimanyi nti waliwo abatajja kugikkiriza. Mukiraba? Mulaba, Alina . . . Yalina okumanya enkomerero okuva ku ntandikwa okusobola okubeera Katonda. Ssi bwe kiri?

54 N'olwekyo Yakimanya nti waalina okubeerawo abakazi, bw'atyo kye yava Akola omwoyo gwabwe ne gubeerawo. Bayibuli egamba nti Yakikola, mu ssuula 1, ey'Olubereberye 1:26 wagamba nti, "N'atonda, omuntu," mu kifaananyi, "omusajja n'omukazi." Amiina. Mukiraba? Mu kifaananyi, yasooka n'Akola omukazi n'omusajja nga tebannabumbibwa okuva mu nfuufu y'ensi.

55 Oluvannyuma Katonda n'akola omuntu, ku mulundi guno si mu kifaananyi Kye. Omubiri guno teguli mu kifaananyi kya Katonda, omubiri guno guli mu kifaananyi kya nsolo.

56 Nsobola okuggyako ekkooti yange? Wano wendi ebbugumu ligenda lyeyongera obungi. Essaati gye nnyambadde yayulika, naye temujja kugiraba. Mukyala wange yaŋŋambye nti Jesse teyazze kunona ngoye za kwoza, kale . . . Naye, mulabeeyo, ensonga gye twogerako wano ku kituuti nkulu nnyo n'okusinga essaati enjulifu. Si bwe kiri? Etegeeza Bulamu Butaggwaawo.

57 Kaakati, mwetegereze omuntu. Katonda yakimanya mu ntandikwa nti Yali wa kubeera n'abasajja n'abakazi, era Yakimanya nti Omulokozi yali wa kujja wano era nti Yalina

okuleeta Yesu, era Yali wa kukomererwa. Era Yesu yagamba abayigirizwa, bwe Yali wano ku nsi, nti "Yabamanya nga n'ensi tennatondebwa," ensi bwe yali tennatondebwa.

58 Ne Katonda, naye n'agamba, manya yali Pawulo y'eyayogera, mu Baggalatiya, n'agamba nti "Yatwawula era n'atuyita mu Ye nga n'ensi tennatondebwa." Kirowoozeeko ekyo! Nti Katonda . . . Bwe wabaawo omuntu yenna eyandyagadde okuwulira Ekyawandiikibwa kye kyogera ku nsonga eyo, muyimuse emikono gyammwe. Kikwataganira ddala n'ekibuuzo. Mubikkule nange mu Abaggalatiya, essuula 1. Mulabeeyo wano. Mbadde sitegeeza mu Baggalatiya, ntegeeza Abeefeso. Kati muwulirize bulungi Katonda kye yayogera, Abaefeso 1:

> *Pawulo, omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda, eri abatukuvu abali mu Efeso, n'abakkiriza mu* Yesu Kristo.
>
> *Ekisa kibeerenga gye muli, n'emirembe, ebiva eri Katonda Kitaffe, ne Mukama waffe Yesu Kristo.*
>
> *Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo,* eyatuwa *buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo* Yesu:

59 Kati, kiikino, mwetegereze:

> *Nga bwe yatulondera mu ye nga n'ensi tennatondebwa, . . .* (whew!)

60 Ekyo kirungi nnyo. Si bwe kiri? Ekyo tekikoma ku kuba kirungi, wabula kiyitirivu! Ensi bwe yali tennatondebwa, Katonda yamanya Orman Neville era n'akimanya nti alibuulira Enjiri. Ekyo si kirungi nnyo? "Yatulondera . . ." Kubanga, mmemba wa Kkanisa, era Katonda yakimanya nti Ekanisa eyo Aliba nayo. Era yagamba, Pawulo bwe yali ayogera eri ekkanisa y'Efeso, yagamba nti, "Yatulondera mu Ye." Kati, ffenna tuli bammemba mu Mubiri gwa Kristo. Si bwe kiri? Era Katonda, ensi bwe yali tennatondebwa, yatulonda nze naawe mu Ye nga n'ensi tennatondebwa. Whew! Bannange! Ekyo si kirungi nnyo?

61 Kaakati, omuntu eyasooka, kati, omuntu eyasooka Yamukola mu kifaananyi *Kye*, era tuddayo mu kifaananyi ekyo, bwe kiri, tuddayo mu kifaananyi kyaffe kiri ekyasooka mwe twatonderwa.

62 Katonda bwe yantonda nze, William Branham, nnaliwo nga ensi tennatondebwa, Yankola, omwoyo gwange. Ku kye mmanyi nnali sirina kintu kyonna kye mmanyi, naye . . . nnaliwo. Ha, si— sikkiriza nga ddala mukitegeera. Naye kati, musooke mulindeko, Yesu yagamba abayigirizwa nti Yali "yabamanya nga n'ensi tennatondebwa," ne Pawulo agambye wano nti "Yatulondera mu Ye nga ensi tennabaawo." Kati, waliwo ekitundu kyange, n'ekya Orman Neville, nammwe mwenna abali wano, ekyali

mu Kristo Yesu ensi bwe yali tennabaawo. Era kuno kwe kwekenneenya kwange ku nsonga eyo. Ndowooza nti abantu abalina Omwoyo ono leero, manyanga omwoyo, ekitundu ku bamalayika bano, emyoyo egyava ku Katonda, egitaagwa mu ntandikwa era egyaziyiza obulimba bwa ssetaani mu Ggulu.

63 Era ebitundu bibiri ku bisatu eby'ensi biri mu kibi, nga abasinga obungi ku abo, by'ebitundu bibiri ku bisatu ebya bamalayika abaagobebwa. Era emyoyo egyo egya dayimooni giyingira mu bantu ne gibeera mu mibiri gyabwe. Mulaba kye ntegeeza? Zibeera dayimooni olumu e. . .lumu zaaliwo era zijja mu bantu ne zibambala. Yesu yagoba musanvu ku zo okuva mu Malyamu Magudaleene. Amalala, okwegulumiza (abantu ab'ekitalo, mukiraba), obutali bulongoofu, empitambi, obuseegu, okukopperera, okuyomba. Ebintu bino byonna, mukiraba.

64 Egyo gye myoyo egyakolebwa mu kiseera kiri Katonda bwe yatandika okukola omuntu mu kifaananyi Kye Ye. Yatonda ebitonde ebyo ebisukkulumye ku bantu, emyoyo egyo.

65 Oluvannyuma n'Ateeka omuntu mu ttaka ly'ensi, nga ye muntu eyasooka, Adamu. Era omuntu oyo yakolebwa mu kifaananyi, omuntu ono ow'obuntu gwe tulaba, yakolebwa mu kifaananyi kya nsolo. Emibiri gino egy'obuntu gyakolebwa mu kifaananyi kya nsolo.

66 Tulina omukono nga ogw'enkima, tulina ne—n'ekigere nga eky'eddubu. Ggwe kwata akaana k'eddubu, okasusumbule, okaggyeko eddiba lyako okaliraanye omwana omuwala omuwere olabe enjawulo eriwo ku byombi. Huh! Ow'oluganda, obeera olina okwetegereza ennyo. Ekisembe kyonna, enkula yaakyo, kyenkana y'emu, engeri gye kyakolebwamu n'enkula yaakyo, na buli kimu byonna bifaanaganira ddala. Giri mu kifaananyi kya nsolo kubanga omuntu yakolebwa mu nkula ya nsolo, kubanga ogwo gwe gwali omulimu gwe okukulembera nsolo.

67 Era singa omuntu omuggyako Omwoyo Omutukuvu, abeera ku ddaala lya wansi nnyo n'okusinga ensolo, abeera mubi nnyo n'okusinga ensolo. Ekyo kikalubo okwogera. Naye ggwe ddira omusajja atakyusibwanga mu birowoozo bye, atalina Mwoyo Mutukuvu kuluŋŋamya birowoozo bye, ne—n'ebintu nga ebyo, ajja kusikambula omwana amujje mu mikono gya nnyina amukabassanye olw'okwegomba kw'ensolo. Ddala bwe kiri.

68 N'omukazi ataliimu nsa. Twala eky'okulabirako ky'embizzi enkazi oba embwa, tugiwadde amannya aga buli ngeri olwa. . . Naye empisa zaayo ziweebuuka lwa kuzaala bwana bwayo, n'embizzi lwa kuzaala bubizzi, naye omukazi omugwagwa ataliimu nsa ye buli kaseera abeera. . .abeera mu kwejeeguula ekiseera kyonna. Bwe kiri. N'olwekyo jjukira nti, ggwe. . . awatali Kristo, empisa zo ziri. . .zisobola okuweebuukira ddala n'okusinga embwa. Bwe kiri.

69 Embwa teyetaaga kwambala ngoye kwebikka, tewali nsolo ndala yonna. Omuntu ye yagwa, si nsolo. Naye, ensolo nga bwe zaali wansi w'omuntu (wansi w'abantu), omuntu ye yali azifuga kubanga omuntu ye yali aziruŋŋamya era ye yali omukulembeze waazo omukulu. Era buli nsolo ey'oku ttale etya omuntu.

70 Waliwo eyali ambuuza, gye buvuddeko, ku by'okuyigga nti, "Naawe ozitya?" Lwaki, buli nsolo yonna eyali etondeddwa etya omuntu, kubanga bwe kityo bwe kyalina okuba okuva emabega eri ku ntandikwa. Mukiraba? Ddala bwe kiri. Bw'odduka nga nayo ekugoba, ddala bwe kiri, k'ebeere, embwa oba ensolo endala yonna. Kale.

71 Naye kati, kati mulabeeyo, omuntu oyo bwe yajja wano . . . Kaakati mulabeeyo, wano . . . Oyinza okumbuuza nti, "Kati, ekyo kitegeeza ki, Ow'oluganda Branham?"

72 Kati, wano w'otegeerera ddala Katonda mu ngeri entuufu, era wakati w'Obwannamunigina n'Obusatu kati ogenda kutegeera ensonga mu bulambulukufu bwayo nga bw'erina okuba. Kaakati mulabeeyo! Katonda bwe yekkakkanya, ne Yeebikkula, Yeebikkula n'akka ku ddaala erya wansi okutuusa lwe yatuuka ku ddaala ly'omuntu ono. Kati, omuntu teyayonoona mu mwoyo gwe, wabula yayonoona mu mubiri gwe, okwaka, okwegomba. Era bwe yayonoona, yeeyawula ku Mutonzi we. Era awo Katonda, Logos, Oyo yennyini eyatonda omuntu, n'akka wansi n'akolebwa mu kifaananyi ky'omuntu. Omuntu yakolebwa mu kifaananyi kya Katonda, oluvannyuma n'akolebwa mu kifaananyi ky'ensolo, n'agwa. Awo Katonda n'akka wansi mu kifaananyi ky'omuntu, mu Muntu Kristo Yesu, okusobola okuwulira obulumi. Katonda yali tasobola kuwulira bulumi nga ali mu Mwoyo. Yandisobodde atya okuwulira obulumi obutuuka ku mubiri ate nga ali mu Mwoyo? Yali tasobola kubuwulira. N'olw'ensonga eyo Katonda Yeebikkula n'ayambala ekifaananyi eky'omuntu, okusobola okununula omuntu eyali abuze. Mukiraba?

73 Bw'atyo Katonda n'abonaabona mu mubiri. Timoseewo Ekisooka 3:16 wagamba nti, "Awatali kukubagana mpawa," nga kwe kuwakana, "ekyama ky'obwakatonda kikulu nnyo. Kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri, n'alabibwa bamalayika, n'abuulirwa, eri Abaama- . . . n'akkirizibwa, era n'atwalibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Kitaffe." Si bwe kigamba? Katonda Mwene yakka wansi n'abeera mu mubiri gw'omuntu era n'akemebwa. "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali." Mulaba okwagala kye kuli? Okwagala kwa Katonda!

74 Kaakati, kati, ekyo ndowooza kiggyayo kiri, eky'*omusajja* n'*omukazi*. Kati, omukazi ye . . . Kati kino leka nkiggyeyo bulungi mu kaseera kano kennyini, musobole okukiraba. Omukazi alina okugondera bba. Era Bayibuli egamba

nti “Omusajja alina okufuga mukazi we.” Naye ekyo nga bakikyusizza! Omukazi y’afuga omusajja nga amugamba nti, “Kati, sigala eka, Yokaana! Tolina gy’olaga!” Era ekyo kiba kimala nga omusajja addamu nti, “Weewaawo, mukwano.” Mukiraba?

75 Naye leka mbeeko ne kye nkubuulira, ssebo. Olyanukulira mukyala wo, naye mukyala wo talikwanukulira. Ye ggwe mutwe gw’omukazi, ate Katonda ye mutwe gw’omusajja. N’olwekyo Yagamba nti, “Leka omusajja asaleko enviiri ze ku lwa Kristo. Era leka omukazi akuze enviiri ze, kuba bw’asalako enviiri ze aweebuula bba.” Mukiraba? Mulaba kye ntegeeza mu ekyo Ekyawandiikibwa kye kigamba?

76 Nnali ku kyokya ku ekyo, emmanga eri luli mu Shreveport. Baali boogera ku bakazi, nga bagamba nga abakazi bwe balina okuba n’enviiri empanvu. Ne ŋŋamba nti, “Omukazi eyakomola enviiri ze, bba yalinanga olukusa era olukusa olumuweebwa Bayibuli okwawukana naye.” Bwe kiri. Bayibuli bw’etyo bw’egamba. Ky’ekyo kyennyini. Ha, bannange! Waaliwo abakazi abajjudde Omwoyo Omutukuvu nga batudde awo, nga bwe batyo bwe baayigirizibwa, kye kyokka. Mukiraba? Ekyo, tekyakwatibwa na bwegendereza.

77 Yagamba nti, “Kati, bw’aba waakuzisala, bwe wabaawo ekikyamu n’aba nga alina okusalako enviiri ze,” n’agamba nti, “leka akwate eggirita zonna azimweko,” enviiri ze azimwe, aziwalakate okutuusa zonna lwe ziggwa ku mutwe. Bwe kiri. Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba. Kigamba nti, “Bw’asalako enviiri ze, aweebuula bba. Era omukazi aweebuula omusajja mu mateeka akkirizibwa okumugoba n’ayawukana naye mu bufumbo.” Naye, tasobola kuddamu kuwasa, kati. Naye a—asobola okumugoba ne bagattululwa. Bwe kiri. Ekyo Kyawandiikibwa. Ha ow’oluganda, twetaagayo ebiro nga bya kubuuza bibuuzo! Bwe kiri. Ekyo kiri mu Abakkolinso Ekisooka, essuula ey’e 14, bw’oba wandyagadde okukisoma. Kale. Kaakati, ekyo—ekyo . . . Kati, omukazi ono . . .

78 Katonda—Katonda yatonda omuntu, nga alimu omusajja n’omukazi. Mulaba kye Yakola? Yakola omuntu. Yakola . . . Kati, ekyo kye kibuuzo ekisooka, mukiraba, “Yabatonda,” n’ebiddako awo, Olubereberye 1:26. Olubereberye 2:7, “Yabatonda okuva mu nfuufu y’ensi n’amufuuwa omukka mu nnyindo ze.”

**Njawulo ki eriwo, manya—manya Ebyawandiikibwa ebyo waggulu birina kakwate ki? Omuntu eyasooka alina kakwate ki n’omuntu ow’okubiri?**

79 Omuntu eyasooka ye muntu ow’okubiri nga alabisiddwa mu busimu obutaano. Mukiraba? Mu kiseera kino tosobola—tosobola kukwata ku Katonda na mikono gyo *bw’otyo*, tosobola kulaba Katonda na maaso go. Ekyo teyakikuwa kukikola. Oli . . .

80 Mwali muwuliddeko omutuukuvu nga afa, bw'agamba nti, "Ndaba maama wange, gwe mmaze emyaka n'emyaka nga simulaba"? Mwali mukiwuliddeko ekyo abantu bwe babeera . . . ? Mulaba, kye kiri, amaaso gano gabeera gavaawo nga amaaso gali agasukkulumye ku g'obutonde bwe gajja. Mukiraba? N'emirundi egimu, Katonda bw'akikola ne kibaawo, tulaba okwolesebwa eriiso lino ery'obutonde we liviirawo. Awo wennyini mu maaso gaffe, nga amaaso tugakanudde, ne wabaawo okwolesebwa mu maaso gaffe nga kulaga ebintu bya Katonda ebisukkulumye ku butonde. Mulaba kye ntegeeza?

81 Kale kati, mulabeeyo, "Ensiisira eno wano ey'oku nsi . . . " Kati, abamu ku mmwe abakazi n'abasajja abali wano mugenda mukaddiwa. Mulabeeyo, "Ensiisira eno ey'oku nsi . . . " Ndowooza ku taata oyo omukadde atudde awo, ow'emyaka ekyenda. "Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, waliwo omuntu ow'omwoyo, omubiri ogw'omwoyo ogutulindiridde ogutayinza kuzikirira." Ndikulaba emitala eri. Nditambula ne nzija . . .

82 Ow'oluganda Neville ssisobola kumukwatako mu—mu waggulu eri, kubanga Yokaana yabalaba era baali wansi wa kyoto, nga bakaaba babuuza nti, "Kumala bbanga ki, Mukama, kumala bbanga ki?" Mumanyi lwaki, twakiyigako mu Kubikkulirwa. N'engeri gye baali baagala okudda bambazibwe emibiri egifa. Baali bakaaba nga babuuza nti, "Olituusa wa, Mukama waffe?"

83 Kati, buli omu yali amanyi munne, naye nga tebasobola kwogera na kukwatagana mu ngalo, oba, bandiba nga baali basobola okwogera, naye nga tebasobola kukwatagana mu ngalo n'ebirala. Kiikino ekifaananyi okukikakasa. Omusamize w'e Endoli bwe yayitayo omwoyo gwa Samwiri, Sawulo n'amutunuulira n'amutegeera nti ye Samwiri. Ne Samwiri n'ategeera Sawulo n'amubuuza nti, "Ompitidde ki okuva mu kuwummula kwange, nga olaba ofuuse mulabe wa Katonda era Katonda akuvuddeko?" Si bwe kigamba? Nnamukadde Samwiri n'ayimirira awo ng'ayambadde omunagiro gwe ogwa nnabbi, n'amutunuulira. Yali mu ssuuti.

84 Omulogo yamulaba n'agwa ku ttaka, n'agamba nti, "Ndaba bakatonda nga bava mu ttaka nga bambuka."

N'amubuuza nti, "Lwaki okuntaataaganya?"

N'agamba nti, "Mbadde, njagala kumanya lutalo bwe lunaabeera."

85 N'amugamba nti, "Enkya ojja kufiira mu lutalo," ne batabani be baali ba kufa, "era bunaaba bwe buti enkya ekiro ojja kuba nange." Mukiraba? Kati, yali ategeera, era yali afaananira ddala nga bwe yali afaanana bwe yali wano ku nsi, eri omulogo oyo eyali ayimiridde, nga amutunuulidde, n'eri Sawulo.

86 Kaakati, mulabeeyo. Emirundi mingi. . . Ate Taata ne Maama bwe baali bafa ne balaba abaagalwa baabwe nga bayimiridde awo? Baabategeera. Naye kiri mu mubiri ogusukkulumye ku gw'obuntu.

87 Naye kino ky'ekitundu eky'ekitiibwa. Yesu bw'alikomawo ku mazuukira, teguliba mubiri ogwo. Kati omubiri guli, ekitonde kiri ekisukkulumye ku butonde Katonda kye yatonda ku lubereberye, kirikomawo nate ku nsi okufuna omubiri omulala, ogutaazaalibwa mukazi, wabula ogwatondebwa Katonda (Aleruuya!), obutaddamu kukaddiwa yadde okubeera n'enkanyanya, obutaddamu kumera nvi mu mutwe gwo, wabula okubeera nga otuukiridde, emirembe gyonna! Aleruuya! Ha ow'oluganda, ekyo kyandindeetedde okuleekaana mu kawungeezi akajjudde ebbugumu! Bwe kiri! O, "ekyambalo kino eky'omubiri ogw'ennyama ndikyesammula, ne nnyambuka okukwata empeera ey'emirembe n'emirembe!" Ddala kiki ekitweraliikiriza?

88 Enteekateeka yonna yiiyo awo mu bulamba bwayo, eraga engeri Katonda gye yantonda mu ntandikwa. Nnajja wano ku nsi, ne ntwala ekifo kyange nga omubuulizi w'Enjiri, oba naawe n'otwala ekifo kyo ng'omusajja oba omukazi alina obulokozi, ne tubeerawo mu bulamu olw'ekisa kya Katonda. Aleruuya! Ekiseera bwe kituuka omwoyo ogwo gwe gumu ne guva wano ne guddayo eri mu ntandikwa. Ndiddayo nga nkimanyi bulungi nti nnaliko wano, (Aleruuya!) olwo nnindire eyo wansi w'ekyoto, nga mpereddwa omukisa emirembe gyonna, mu kuwummula. Era bwe ndiba nkomawo, nnyambale omubiri gwange mu kiseera we gwali mu mbeera yaagwo eyali esinga obulungi, nga tegunnalumbibwa kufa.

89 Otandika okufa ku myaka nga abiri mu ebiri oba abiri mu esatu, n'otandika okulemererwa. Obeera tokyali musajja oli gwe wali n'omukazi oli gwe wali, bw'oweza emyaka nga abiri mu etaano, wabaawo ekikusensera. Otandika okufuna enkanyanya wansi w'amaaso. Obeera tokyasobola kunaaba nga bwe wanaabanga mu kusooka. W'owereza asatu, bingi by'obeera osobola okwerabako. Linda lw'onaaweza ana mu ena, nga nze, ojja kutandika okukirabira ddala. Naye, Ha ow'oluganda! Linda lwe nnaaweza ekinaana, kyenda, nga nneekwata ku muggo ogwo, nsobole okuyimirira. Kiki ekiba kigenda mu maaso? Katonda yanteeka mu mbiro kudduka. Naye olunaku olumu olw'ekitiibwa. . . Okwo kubeera kufa nga kwe kusensera.

90 Mu kiseera ekimu nnalina ebibegabega ebyesimbye, nga nnina enviiri enzirugavu (nga zonna zijjudde ku mutwe), nga sirina nkanyanya wansi w'amaaso gange; naye kati laba bwe nfaanana, nneeyongera kukogga, ebibegabega bigenda bikootakoota, ŋŋenda ngejja, n'okumera enkanyanya ku maaso gange, n'okumera ekiwalaata. Mazima, laba okufa kye kunkoze mu myaka amakumi abiri egiyise. Ekyo okufa

kwe kukikola. Linda lwe nnaaweza ekinaana, Katonda bw'anaaba anzikirizza okuba nga nkyali mulamu, olabe bwe nnaaba nfaanana, nga nnyimirira bwenti nnina akaggo kwe nneesigamye, nga bwe nkankana *bwentyo*. Naye, aleruuya, olunaku olumu olw'ekitiibwa, okufa kulimmaliriza mu bujjuvu. Naye bwe ndizuukira mu kuzuukira ndiba ekyo kye nnali, Katonda kye yankola wano ku nsi mu kiseera kyange ekisinga obulungi, mu mubiri ogutaakolebwa Muky. Branham ne Mw. Branham, wabula ogwatondebwa Katonda Mwene; ogutakemebwa, ogutaliimu kibi, ogutaliimu kintu kirala kyonna, ogutalirumbibwa ndwadde, yadde okulumwa omutima. Ha, bannange!

91 Era ndikwata mukyala wange omwagalwa ku mukono ne tutambula okuyita mu Lusuku lwa Katonda bwetutyo, nga tuli baggya. Naawe olikola ekintu kye kimu. Talibeera mukazi mukadde ow'omutwe ogujjudde envi akawungeezi kano gw'olagirira w'aba alinnya, gw'oyita mukyala wo, naye alibeera mulungi ddala nga bwe yali olunaku lwe wamuwasa ku wolutaali. Aleruuya! Whew! Ekyo kimala okuleetera omuntu okuleekaana. Si bwe kiri? Mukiraba?

92 Kale, ako ke kakwate ke balina. Katonda mumalirivu. Katonda bw'asalawo okubaako ekintu kyonna ky'akola, kiteekwa okukolebwa. Ekifaananyi kino Ssetaani yakyonoona nga ayita mu kwegomba okw'okwegatta, nga akozesa omukazi, okuzaala abaana. Yakyonoona. Kale mugende mu maaso mubazaale, tewali mutawaana. Emibiri gino mwe tuli gya kutuukibwako bino, kubanga ekintu kyokka ky'okola mu bulamu buno kwe kufuna ekikula kyo n'ekifaananyi kyo, ky'oli. Enviiri z'olina kati bwe ziba mmyufu, era olibeera wa nviiri mmyufu ekiseera kiri bwe kirituuka. Enviiri z'olina kati bwe ziba nzirugavu, era olibeera wa nviiri nzirugavu ekiseera kiri bwe kirituuka. Mukiraba, nga bwe wali mu kiseera kyo eky'obuvubuka. Era bw'olibeera nga . . . Ssetaani yataataaganya ekifaananyi, tewasobola na kufuna . . . Ekyo Katonda kye yagenderera obeere, ky'olibeera. O, nga kya kitiibwa! Oyo ye muntu.

93 Kati Olubereberye 2. Kaakati nno, nnina okwanguwako, ŋŋenda kubikwatako. (Olinayo ekintu kyonna? Olina? Olinayo by'olina? Bye wandyagadde okwanukula?) Kale, Olubereberye 2:18-21:

2. **Katonda yakola Kaawa okuva mu lubiriizi lwa Adamu, mu Olubereberye 2:18-21. Katonda yakola omusajja n'abakazi, ate oluvannyuma n'akola Adamu ne Kaawa—Kaawa?**

3. **Era Kayini yagenda eri abo omusajja n'omukazi abaali baatondebwa gye yajja omukazi?**

94 Kaakati, kati leka tu . . . Simanyi . . . Omuntu ono eyawandiise ekibuuzo kino yandiba nga waali wano. Kati,

Katonda bwe. . . Mu kibuuzo ekisooka wano:

**Katonda yakola omusajja n'abakazi, ab'omu Olubereberye 2:18-21?**

95 Nedda. Ŋŋenda—ŋŋenda. . . nga—nga bwe mugenda okulaba wano, 2:18-21 kati, mulabeeyo:

> *MUKAMA Katonda n'ayogera nti, Si kirungi. . . omuntu okubeeranga yekka; n'amukolera omubeezi amusaanira.*
>
> *MUKAMA Katonda n'akola. . . n'ettaka buli nsolo. . .* n'ebirala.

96 Kati, Katonda yakola Kaawa nga amuggya mu lubiriizi lwa Adamu. Omukazi leero mu kikula ky'omubiri gwe asinzaako omusajja olubiriizi lumu, kubanga waliwo olubiriizi olwaggyibwa mu mubiri gwa Adamu. Adamu yali yatondebwa dda era yali mulamu, nga ali yekka, Katonda kye yava agamba nti, "Si kirungi omuntu okubeeranga yekka."

97 N'olwekyo abasaaseredooti bano n'abalala be bagaana okubeera n'omukyala. Kati, ekyo, ab'ekereziya y'e Rooma basobola okukola kyonna. . . Kiri gye bali, ekyo—ekyo be balikyanukulira, si nze.

98 Naye, waliwo o—omusajja eyambuuza, gye buvuddeko, n'agamba nti, "Ggwe okirowoozaako ki?" Yali musaaseredooti, n'ambuuza nti, "Ggwe olowooza ki ku musaaseredooti oli omuto mu kibuga wano eyatwala omukazi oyo, omuwala oyo, omuwala ow'omu Jeffersonville wano, n'agenda n'amuwasa?" Mu kkereziya y'Abayiriisi, ndowooza mukijjukira. Erinnya lye ndyerabidde.

99 Ne mmugamba nti, "Yalina eddembe okuwasa nga nange bwe nnina eddembe okuwasa. Eyo y'endowooza yennyini gye nnina ku nsonga eyo." Ne mmugamba nti, "Ensonga yokka gye mulinako. . . Ndowooza yakola kikyamu, yandisoose kugenda mu kkereziya n'alekulira wofiisi ye oluvannyuma n'agenda mu maaso n'awasa omuwala, mu kifo ky'okumala gadduka bw'atyo."

100 Kati, mujjukira bwe kyabaawo wiiki ntono eziyise wano mu Jeff., omusaaseredooti Omukatuliki eyali Omwayiriisi emmanga wano. Yali muvubuka muto, era yali agenda. . . yalina omuwala omuto bwe baali baagalana emmanga wano. Kale bwe ya. . . Baamuwa ekiweebwayo eky'okwagala ekinene ddala, nga bagenda kumukyusa kumujja mu kigo mwe yali aweerereza, babeeko ne gye bamuweereza engulu eri mu Indianapolis. Kye yakola yakwata bukwasi ekiweebwayo eky'okwagala kye baamuwa, wamu n'omuwala na buli kimu kyonna, ne babulawo ne bagenda ne bafumbirwa, era tebaddangamu kumuwuliza. Kati, yalina eddembe okuwasa, naye teyalina ddembe kukola bw'atyo. Ekyo si kye yandikoze. Yandibadde agenda mu—mu

kkereziya n'abagamba nti, "Nzize, kulekulira woofiisi eno nga omusaaseredooti. Ŋŋenda kuwasa, era ekyo kimala."

101 Naye, kati, Katonda okukola Kaawa, ne—ne Adamu ne Kaawa mu kiseera kye kimu, ekintu kyokka kye Yakola ky'ekitundu kiri ekisukkulumye ku butonde, Adamu ow'omwoyo ne Kaawa ow'omwoyo, omusajja n'omukazi. Oluvannyuma, bwe Yakola . . . yateeka Adamu wano, tekyali kirungi eri . . . Mukiraba, kifaananyi kya Katonda ky'ekigenda kyebikkula buli kiseera. Buli kimu bwe kiti, ki—kigenda kyeggyayo, nga kyeyanjuluza, okutuuka mu kufuga okw'emyaka Olukumi kuli eri n'oluvannyuma okuyingira mu Butaggwaawo. Kifaananyi kya Katonda kye kijja kyeyanjuluza, Katonda nga Yeebikkula.

102 Wano, Katonda Yeeyoleka nga ayita mu Kristo Yesu, okulaga kye Yali. Yesu kiki kye yali? Yali Muntu ow'ennaku, eyamanyiira obuyinike, alina okwagala. Yabuuza malaaya nti, "Abakuvunaana bali ludda wa?"

"Mpaawo muntu n'omu, Mukama wange."

"Nange sikuvunaana. Genda, okusooka leero toyonoonanga lwa kubiri."

103 Lumu yali akooye nga ayenjebuse olw'okutambula mayiro nga amakumi asatu olunaku olwo, okuyita mu musenyu gw'eddungu n'ebintu ebirala; waaliwo omukazi ow'e Nayini eyajja; nga omwana we omu yekka gwe yalina, afudde, agalamidde awo. N'ayimiriza abaali bamutwala okumuziika, n'Amuteekako emikono, n'amugamba nti, "Golokoka." Omulenzi eyali afudde n'agolokoka. Oyo—oyo ye Mukama waffe Yesu. (Weebale, Teddy, mutabani.) Era awo, oyo ye Mukama waffe Yesu bw'atyo bwe yali. Teyakoowa nnyo kisusse, teyayenjebuka nnyo kisusse kugaana kukola kintu kirungi kyonna. Kale.

Kaakati ekirala kiikino:

**Kayini yagenda eri—eri omusajja n'omukazi bali abaasooka okutondebwa gye yajja omukazi?**

104 Kati, awo waliwo ekibuuzo ekyetaaga okwegendereza ennyo ddala, naye kati muwulirize n'obwegendereza. Kati, ha, nda . . . mulabye ku bantu nga bawandiika mu mpapula ne babuuza nti, "Kayini yaggya wa mukazi we?" Ha, nange nnakyebuuzanga.

105 Era nnamala emyaka ena nga ssiyigiriza nti waliyo ggeyeena eyaka n'omuliro kasookedde ndokoka. Nnalina okusooka okukiraba mu Byawandiikibwa. Bwe mba sikimanyi, sijja kukyogerako kintu kyonna. Mukiraba?

106 Naye, kati, "Kayini yaggya wa mukazi we?" Kati, ekibuuzo kino bwe—bwe kityo bwe kiwumbawumba. "Era Kayini yagenda eri mukyala we eri omusajja ono n'omukazi abaatondebwa, gye yajja mukyala we?" Mukiraba? Kati, kati, omu ku be nnasooka . . .

107 Muky. DeArk ono, mwenna mwawulira ku by'okuwonyezebwa kwe ekiro kya luli, engeri Katonda gye yamuwa omukisa n'ebirala. Yali agalamidde, ng'afa, ne bamutuukako ku ssaawa nga bbiri ez'oku makya.

108 Era kale, kati, eyo y'engeri gye na . . . Mutabani we, George, omuvubuka oyo yali mulaguzi, era, ne Ed. Baali mu dduuka, era nnawulira okukubaganya ebirowoozo okwali kugenda mu maaso munda eyo, gye nnasooka . . . Kayini gye yaggya mukyala we. Kati, eyali awa endowooza ye yalabika nga eyalina eky'okuddamu ekisinga ku by'abalala, yagamba nti, "Leka mbabuulire Kayini gye yaggya mukyala we," n'agamba nti, "Kayini yagenda n'awasa ezzike ekkazi ekkulu." N'agamba nti, "Okuva mu zzike eryo mwe mwava olulyo lw'abaddugavu." N'agamba nti, "Bwe weetegereza obulungi omutwe gw'omuddugavu gulina engeri gye gwasongola *bwe gutyo*, nga—nga ezzike, mu mutwe gwalyo."

109 Kati, ne nnyimirira awo, nnali nnaakamala emyezi nga ebiri gyokka mu Njiri. Ne ŋŋamba nti, "Ssaagala kwawukana naawe ssebo, kubanga nze ssinnasoma byawandiikibwa kimala, nnaakalokoka. Naye," ne ŋŋamba nti "ekyo bwe kiba nga bwe kityo bwe kyali, kitegeeza olulyo lw'abantu abaddugavu lwandizikiridde ne lutaddamu kubaawo mu kuzikirizibwa kw'amataba okwaliwo, ensi bwe yazikirizibwa amazzi, kubanga Nuuwa n'ab'omu maka ge be bokka abaali mu kyombo. Be bokka abaali mu kyombo. Olulyo lw'abantu abaddugavu lwandizikiridde ne lutaddamu kubaawo," ne ŋŋamba nti, "ssinga kyali bwe kityo." Ne ŋŋamba nti, "Nedda, ssebo! Olulyo lw'abaddugavu awo si we lwava. Nedda, ssebo. Olulyo lw'abaddugavu lwava ku muti gwe gumu kwe twava, na buli muntu yenna, ku muti gwe gumu." Tewali njawulo yonna. Mazima ddala. Ffenna tuli . . . Omu asobola okubeera nga wa kyenvu, omulala wa katakketakke, omulala muddugavu, ate omulala mweru, ate omulala wa kikuusikuusi, ate omulala mumyufu, ne langi endala bwe zityo, naye mwenna mwava mu muti ogwo gwe gumu. Eyo langi eri ku ngulu ku mubiri. Bwe kiri. Naye osigala oli muntu y'omu, eyatondebwa Katonda n'oteekebwa wano.

110 Era kati, mulabeeyo, jjuuzi wano ebbanga si ddene eriyise, nnali nnyimiridde wano n'abamu ku basawo mu Louisville, nga njogera ku kye nnalaba mu Afirika engeri abantu abo bambi, naddala, abalya abantu, bwe baalinayo omukazi, eyaddiranga omwana omuwere, yakwatanga omwana omuwere, n'a— n'amukuba n'amubetenta oluvannyuma n'amusiba waggulu mu kisaka n'amuleka eyo n'avunda okumala ennaku nga ziizo, bw'atyo, okutuusa lw'avaamu envunyu nga tannamulya, mukiraba. Ekintu kyonna eky'engeri eyo, basooka ne bakireka ne kiba nga ekivunda, ne kigonda.

111 Kati muleme kulowooza nti ekyo abalya abantu kye bakola

kyesisiwaza okukamala. Ne mu Bungereza bakola ekintu kye kimu, batta enkusu ne baziwanika waggulu ku miti, ebyoya bwe bizisowokemu bwe bamala ne bazirya. Eryo ly'eggwanga ly'abantu Abangereza ba nnansangwa, mu Bungereza. Bwe kiri. Kale temulowooza . . . Teweetaaga na kusooka kugenda mu Bungereza, genda bugenzi erudda eno mu masaza ag'omu maserengeta, ojja kusangayo ekintu kye kimu. Ddala bwe kiri. Omuntu yenna asobola okulya ekkovu oba—oba omusota ogw'ekika kya rattlesnake, asobola okulya ekintu ekirala kyonna. Kale . . . Weewaawo.

112 Kati mwekkaanye, muleke—muleke mbabuulire. Naye, kiikino ekyabaawo. Omuddugavu . . . olulyo lw'a—abaddugavu terulina kakwate konna na nsonga eno. Kayini . . .

113 Kati, njagala mwekkaanye. Baagamba nti "Yagenda mu nsi ya Enodi." Kati, Kayini yali mu Adeni. Ate Adeni, olusuku Adeni, lwali mu buvanjuba bwa Adeni. Si bwe kiri? Olusuku Adeni lwali mu buvanjuba bwa Adeni, ku luuyi lwa Adeni olw'ebuvanjuba. Era Bakerubi baateekebwa, n'Omuti ogw'Obulamu baali ku mulyango gw'olusuku ogw'ebuvanjuba, era eyo ndowooza Kayini ne Abeeri gye baaweerayo ssaddaaka zaabwe. Era eyo we waali Kkerubi eyalina ekitala ekimyansa ataabakkiriza kuddamu kuyingira, ebuvanjuba bw'omulyango!

114 Mukimanyi nti, Yesu aliva mu buvanjuba. Ekitangaala kiva mu buvanjuba. Buli kimu ekijja . . . Obugunjufu bwatandikira mu buvanjuba ne butambula nga bujja mu bugwanjuba, okutuusa lwe bwetoolodde ne buddamu ne bukwatagana. Ffe tuli mu Kitundu ky'enkulungo y'ensi eky'Ebugwanjuba. Kiri ky'Ekyebuvanjuba, eky'Ebuvanjuba we wali obugunjufu obusinga okuba obukadde. China y'erina obugunjufu obusinga okuba obukadde obumanyiddwa, bannabyafaayo, mu nsi yonna leero. Buvanjuba!

115 Ha, nga tusobola okubeera ku bibuuzo bino okumala essaawa n'essaawa, nga tuli ku kibuuzo kimu, naye tetwandibadabbe na mwagaanya kukwata ku biri ebirala. Naye mulabeeyo, kino kye . . . Bameka abandyagadde okumanya kye tukkiriza ku bikwata ku Kayini, mukyala wa Kayini gye yava era yali ani? Leka tubalabe. Kale. Ŋŋenda kubabuulira Kayini kye yakola, ate kye ky'okuddamu kyokka eky'amagezi ky'osobola okulowoozaako: Kayini yawasa mwannyina yennyini. Yalina kuwasa mwannyina, kubanga ku nsi waaliwo omukazi omu yekka mu kiseera ekyo; Bayibuli eyogera ku baana basatu bokka abaazaalibwa, Kaamu, Seemu . . . manya nedda . . . munsonyiweko, baali Kayini, Abeeri, ne Seezi. Naye ssinga tewaaliwo . . . Bayibuli teyogera nnyo ku kuzaalibwa kwa muwala. Ekyo mukimanyi.

116 Kati, nkakasa ŋŋenda kusojja ku bakazi akawungeezi kano. Naye, mulabeeyo, ensi esinza abakazi, naye abakazi be

baali ekikozesebwa kya ssetaani mu ntandikwa. Era omukazi atali mutuukirivu leero ky'ekikozesebwa ekisingayo okuba eky'amaanyi ky'alina. Ajja kusindika ababuulizi bangi mu ggeyeena okusinga ebbaala zonna eziri mu nsi. Leka wabeewo akawala akakyakaze akatambula n'omulembe akalina omunwe gwa sigala mu kamwa ku ludda olumu, nga enviiri zaako zonna kazitaddemu amayengo bwe katyo, akeetaddeko ebisige ebinene era ebiwanvu ku maaso bye kasitula nga bwe kazza waggulu ne wansi, ow'oluganda, akalinamukko . . . akalinamukko ku kikula ky'omubiri ogulabika obulungi, olabe kye kanaakola.

117 Mubuulizi, kirungi ne weebikka Omusaayi gwa Yesu Kristo. Bwe kiri. Kati, temuŋŋamba mbu, mmwe muli basajja nnyo! Ebyo mbirabyeko ebiwera. Kaakati, labayo. Ekisingayo obulungi ky'olina okukola kwe kukuumira ebirowoozo byo ku Yesu Kristo era ebirowoozo byo bibeere birongoofu.

118 Nga Pawulo bwe yagamba mu, yagamba nti, "Ki . . . Tukimanyi nti tulina obuyinza okutwala mwannyinaffe ne tumuwasa. Nnina obuyinza okukikola, naye" n'agamba nti "Ssijja kukikola." Mukiraba, yagaana okukikola. Yagamba nti, "Nkimanyi nti obuweereza bulina kubeerawo ku ebyo bye—bye bu . . . Tosibanga mumwa gwa nte ewuula."

119 Omanyi, emirundi egimu tugenda ne tulowooza nti, kubanga ndi mubuulizi . . . (Sigamba, ggwe nange, ow'oluganda.) Naye ababuulizi bagenda ne balowooza mbu olw'okuba babuulizi nti—nti bantu ba maanyi nnyo okusinga omu ku bammemba b'ekisibo ky'ekkanisa. Mu maaso ga Katonda toli munene era tolina ky'osinga mutamiivu oyo eyakalokoka essaawa emu emabega.

120 Ekyo ky'ekintu ekimu okuddaabululwa kye kutaagolola, bye bintu bino. Nkimanyi erinnya lyange ligenderako ekitiibwa kya "Levirandi." Ekyo kyennyini, ekyo kintu e—ekikolebwa ennyo ensangi zino, naye tekirina kukolebwa. "Levirandi" ne "Omulabirizi" ne "Dokita" n'ebintu ebyo byonna byonna bitiibwa ebyateekebwaawo abantu, era tebirina makulu! Mu Bayibuli baayitibwanga "Peetero," "Yakobo," "Pawulo," "Yokaana," n'abalala bonna.

121 Pawulo yagamba nti, "Kati, wano, nkimanyi mbuulira Enjiri, ekyo—ekyo—obwo buvunaanyizibwa bwange." Ndi mubuulizi, n'ono mubuulizi, Ow'oluganda Neville mubuulizi, naye ki . . . Obwo buvunaanyizibwa bwaffe, okubeera ababuulizi. Kati, tulina kukola ekyo kyennyini. "Naye leka mbeeko ne kye nkola," Pawulo yagamba nti, "ekisukka ku ekyo." "Kati, nnina eddembe okutwala ssente," Pawulo bwe yagamba, "naye ŋŋenda kukola weema okubalaga nti nsobola—nsobola okwerekereza." Yagamba nti, "Kwa kitiibwa, okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna, n'ekitanda kirongoofu. Kirungi omusajja okuwasa." N'agamba nti, "Nange nnina eddembe okuwasa. Kati, nange—

nange nsobola okuwasa, nnina eddembe mu mateeka okuwasa. Naye sijja kuwasa, njagala kukola ssaddaaka endala eri Mukama." Mukiraba? Bwe yava awo n'agamba nti, "Buli muntu amanyi okuyitibwa kwe. Leka akole nga . . . Abamu balaawe olw'Ekigambo kya Kattonda, n'abalala ab'enjawulo."

122 Twagala tubeeko ne kye tukola ekisukka ku buvunaanyizibwa bwaffe. Kati bw'obeera nga ddala wazaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo wa Katonda n'ogamba nti, "Kale, buvunaanyizibwa bwange okugenda ku kkanisa, era leka ŋŋende." Ha, bannange! Naye, nze njagala mbeeko ne kye nkola ekisinga ku ekyo, njagala mbeeko emmeeme ze mpangula ku lwa Kristo. Njagala mbeeko ne kye nkola! Njagala nkyalire abalwadde oba mbeeko ne kye mmukolera. Buvunaanyizibwa bwange okubuulira mu kuziika, buvunaanyizibwa bwange okubuulira Enjiri, buvunaanyizibwa bwange okusabira abalwadde. Naye leka mbeeko ekirala kye nkola, leka ŋŋende mbeeko ekintu kye nkola Katonda ky'anaansiima olw'okukikola.

123 Kati, leka tuddeyo ku Kayini. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Kubanga Kaawa ye mukazi yekka eyaliwo Katonda gwe yatonda, era singa kyali nti teyazaala baana bawala, omukazi oyo asembayo (omukazi yekka eyaliwo) bwe yandifudde, oluse lw'abantu awo we lwandikomye. Si bwe kiri? Tewandibaddewo bakazi balala. N'olwekyo ateekwa okuba yazaala abaana ab'obuwala. Era Kayini yawasa mwannyina yennyini, kubanga gwe yalina okuwasa, tewaaliwo kifo kirala kyonna abakazi we baali basobola kuva.

124 Era kyali kikkirizibwa mu biro ebyo, ne Ibulayimu kye yakola, n'okutuukira ddala ku Isaaka. Isaaka yawasa mwana wa muganda we bwe bazaalibwa. Ne Ibulayimu yawasa mwannyina, mwannyina bwe bagatta omusaayi. Kitaawe . . . Baali baawula bannyaabwe naye nga kitaabwe y'omu. Ate akaweke ak'obulamu kava mu musajja. Saala, eyazaala Isaaka ow'ekitalo. Si bwe kiri? Mu kiseera ekyo tewaaliwo muntu yenna ku nsi.

125 Ebyo byonna byali mu kifaananyi, nga biraga nti . . . Kiikino, ow'oluganda! Isaaka . . . Lebbeeka kifaananyi kya Kkanisa, ate Isaaka kifaananyi kya Mugole, Kristo. Si bwe kiri? Era balina okuba nga bagatta Omusaayi! Aleruuya! Amiina! Bagatta Omusaayi!

126 N'olwekyo Kayini yawasa mwannyina, era ekyo . . . Bwe baamala ne bagenda eyo mu nsi ya Enodi. Kati, twandibadde tuyingira mu ky'okuyigako eky'obuziba okusingako awo, era ndi musanyufu nti tewabuuzizza kusukka awo, (ebintu nga, "Bannaggwano abo abaaliwo mu nsi mu kiseera ekyo baava wa?" Josephus n'abalala ab'enjawulo bazze babakubaganyaako ebirowoozo). Amiina! Ekyo bwe mba sikyanukudde bulungi

ow'oluganda, nkusaba oddemu okibuuze ku Ssande ku makya. Kale.

**4. Osobola okunnyonnyola Ssande bwe luli olunaku olusooka mu wiiki nga Olwomukaaga lwe lunaku olw'omusanvu? Abakristaayo bagenda mu kkanisa ku Ssande, olunaku olusooka mu wiiki. Tebalina kugenda ku Lwamukaaga, olunaku olw'omusanvu olwa wiiki?**

127 Kale, kati, mukwano gwange omwagalwa, oba yenna eyabuuzizza ekibuuzo ekyo, ekyo kibuuzo kirungi nnyo. Kibuuzo ekikadde enkumi n'enkumi z'abayizi kye bawaako ebirowoozo eby'enjawulo ensangi zino, naye nange nsobola, munzikirize nnyanje endowooza yange gye nkirinako, mukiraba, kye kyokka kye nsobola okukola. Era bwe mba siri mutuufu, kale, mu—muŋŋumiikirize, ne Katonda ansonyiwe, mukiraba, endowooza yange bwe—bw'eba enkyamu.

128 Kati, okusinziira ku mateeka…Kati, wano wandibaawo Omuseveniside atudde wano. Ekyo ky'ekintu kye nnasooka okuyigirizibwa, mu Baseveniside. Bwe kiri. Mu Baseveniside, kye nnasooka okuyiga. Era bwe bajja ne baŋŋamba nti "Olwomukaaga lwe lunaku olw'omusanvu," ow'oluganda, bwe kityo bwe kyali okusinziira ku kalenda y'Abayudaaya. Naye kalenda y'Abaruumi teyakitereeza, era Olwomukaaga lwe lwalina okubeera Ssande. Kati, baali bammatiza ekintu kye nnalowooza nti kituufu. Era gye nnakoma okusoma ebitabo byabwe nneeyongera okukikkiririzza ddala mu bujjuvu, kikumi ku buli kikumi, naye lumu ne nfuna Bayibuli ne nkizuula nti si bwe kiri. Mukiraba?

129 Kaakati, Olwomukaaga lwe lunaku lwa ssabbiiti okusinziira nga wiiki bw'etambula. Kati, tetumanyi. Kyakyusibwa, era wabaddewo enkyukakyuka nnyingi nnyo z'otayinza kumanya kituufu kye kiruwa. Mukiraba? Kubanga tu… Kati, Abayudaaya bagamba mbu tuli mu…mu kiseera kino tuli mu mwaka gwa 1970 awo, okusinziira ku mbala yaabwe, eya kalenda yaabwe. Ate kalenda y'Abaruumi egamba 1953. Baalina ne kalenda endala egamba nti kiseera kirala. Naye ekyo kye kikakasa Obukristaayo, kalenda ezo zonna zibala zeesigama ku kuzaalibwa kwa Kristo. Mukiraba, awo we tutandikira okubala.

130 Kaakati, naye kati bw'oyogera ku lunaku olw'omusanvu, kati, waliwo Abapentekooti bangi nnyo abakuuma ssabbiiti—ssabbiiti abakuza olunaku olw'omusanvu mu wiiki, abakuuma Olwomukaaga nga ssabbiiti. Kati, bagamba nti, "Tewali Kigambo kyonna mu Bayibuli kikulagira kukuuma Lwamuk-…lwa Ssande nga olunaku." Kati, nja kwogera ekintu kye kimu ku ssabbiiti mu Ndagaano Empya. Mukiraba? Kati, Olwomukaaga lwe lunaku lwa ssabbiiti olwaweebwa Abayudaaya. Kati, lwaweebwa nga lulina ekiseera kye lulina okumala.

131 Kati, kino kiyinza okuvaamu ekibuuzo ekirala okukyeŋŋanga. Naye, kati mulabeeyo. Katonda bwe yawummula ku lunaku olw'omusanvu, olunaku olw'omusanvu terwakuzibwa, okusinziira nga—nga bwe mmanyi mu Byawandiikibwa, okutuusa nga wayiseewo kyenkana emyaka lukumi mu bitaano. Era mu ddungu, Katonda yawa Isiraeri olunaku olw'omusanvu nga akabonero wakati wa . . . Katonda.

132 Era Katonda n'awummula ku lunaku olw'omusanvu, olunaku Lwe olw'ekijjukizo olw'okuwummulirako. Ekyo nkyogera bwentyo okusobola okubaako gwe kiyamba kubanga eyabuuzizza ekibuuzo kino yandiba o—ow'oluganda oba mwannyinaffe Omuseveniside, mukiraba, era balina ekkanisa ennungi ennyo ddala. Naye kati mwekkaanye, ŋŋenda kwawukanamukko nabo katono ku—ku kibuuzo kino.

133 Kati, Katonda yatukuza olunaku olw'omusanvu. Ennaku omukaaga yali muntu. Olunaku olw'omusanvu lwali lunaku lwa Katonda olw'okuwummula, nga ekyo kyali kifaananyi, ekyali kyoleka okufuga okw'emyaka Olukumi. Kati, kaakati mulabeeyo kino, engeri—engeri gye kikwataganamu na kiri. Kati Yesu bwe yajja ku nsi, ensonga lwaki Yesu baamukomerera yali lwa kuba nti teyakuuma ssabbiiti; ensonga ebbiri zokka ze baavunaana Yesu zaali nti "Yamenya olunaku lwa ssabbiiti, era Yeefuula Katonda." Era Yagamba nti Ye Mukama wa ssabbiiti. Yalina . . . N'ekirala Ye yali Ssabbiiti ya Katonda, era Yali Katonda. N'olwekyo tebaalina ngeri yonna ya kumuvunaana.

134 Kati, kino leka nkibaanukule mbalage n'olunaku lwe tulina okukuuma. Kati, waliwo Ekyawandiikibwa kyonna? Kino leka nkibuuze ku lwammwe:

> **Waliwo Ekyawandiikibwa, Ow'oluganda Branham, ekitugamba era ekitukkiriza okukuuma olunaku olwa Ssande nga Abayudaaya bwe bakuuma Olwomukaaga?**

135 Nedda, ssebo, tekiriiyo. Teriiyo Kyawandiikibwa kyonna mu Bayibuli, mu Ndagaano Empya, kitulagira lunaku lwe tulina kukuuma ka lubeere Olwomukaaga oba Ssande. Naye ensonga lwaki tukuuma Ssande, kijjukizo kya kuzuukira. Tewali . . .

136 Kati, mugenda kugamba nti, "Ekyo Abakatuliki b'e Rooma be baakikola." Weewaawo bagamba mbu be baakikola, naye bwe baba be baakikola, kitegeeza Omutukuvu Pawulo yali Mukatoliki, ne Peetero, ne Yokaana ne Yakobo, n'abalala bonna, kubanga baakuŋŋaananga ku lunaku olusooka mu wiiki okusinza. Era, okusinziira ku bannabyafaayo, engeri yokka gye baali basobola okwawula wakati w'Omuyudaaya Omukristaayo n'Omuyudaaya omusodokisi (bombi baagendanga mu makuŋŋaaniro), naye omu yagendanga ku Lwamukaaga (eyali takkiriza kuzuukira kwa Yesu), ate omulala n'agenda ku Ssande (eyali akkiriza nti Yesu yazuukira okuva mu bafu). Era ako ke kaali akabonero akabaawula. Era kajja kubeera, ne gye buli eno

kakyali kabonero, era kandimaliriza nga ke kaliba akabonero k'ensolo.

137 Kati, nkimanyi nti, baganda baffe abaagalwa Abaseveniside balowooza nti ako ke Kabonero ka Katonda. Bagamba nti, "Oteekebwako akabonero olw'okukuuma ssabbiiti." Ekyo tewali Kyawandiikibwa kyonna mu Bayibuli kikyogera.

138 Era kiikino Ekyawandiikibwa mu Bayibuli ekigamba nti—nti osibibwako akabonero, Abaefeso 4:30, wagamba nti, "So temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu wa Katonda eyabateesaako akabonero okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe," okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

139 Kati ŋŋenda kubakakasa nti Akabonero ka Katonda kwe kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Mukiraba? Kwe kubatizibwa kw'Omwoyo, ke Kabonero ka Katonda. Kati, Isaaya 28, yagamba nti, "Kiteekwa kuba kiragiro ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri, wano katono ne wali katono."

140 Kaakati weekkaanye, kati, mukwano gwange omwagalwa. Kati, abantu abava ku mirimu gyabwe. . . Mukiraba, omuntu agezaako okubaako ne ky'afuna eky'okwerokola. Tewali kintu kyonna ky'oyinza kukikolera. Olokolebwa lwa kisa. Katonda y'ayita, era Katonda y'alokola. Ggwe ogoberera bugoberezi bi—bigere bya Katonda, kye kyokka. Tosobola kugamba. Obwo bwe butonde bw'omuntu bw'atyo bw'ali. Agezaako okuva ku nnyama, agezaako okukuuma ennaku za ssabbiiti, agezaako oku. . . "Singa onaalekera awo okukola *kino*." Ki. . . Okuva ku kulya ennyama si kye kikulokola. Tolokolebwa lwa *kino*, *ekyo*, oba *ekirala*, Olokolebwa lwa kisa! Era Katonda, olw'ekisa, akuwa Obulamu obuggya, Obutaggwaawo. Mulaba kye ntegeeza? Ate Obulamu Obutaggwaawo kwe kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

141 Kati muleke mbalage. Ekigambo *ssabbiiti* kitegeeza ki? Waliwo omuntu yenna amanyi kye kitegeeza, oyimuse omukono gwo? Ssabbiiti? [Mwannyinaffe agamba nti, "Kiwummulo."—Omuk.] Kiwummulo. Ky'ekyo kyennyini. *S-s-a-b-b-i-i-t-i*, olunaku lwa ssabbiiti, kitegeeza "k-i-w-u-m-m-u-l-o," lunaku lwa kuwummula. Kebera mu Bayibuli yo mu muwaatwa awali ebigambo ebijuliziddwa ku ekyo olabe, lunaku "olw'Okuwummula." Kati leka tugende mu Abaebbulaniya, essuula ey'oku 4, mu bwangu nnyo ddala kati. Era tujja. . .

142 Kino—kino wano kye kibuuzo kyange ekisembayo. Kati, ow'oluganda, kebera olabe oba Ow'oluganda Neville alina by'alina erudda wali. Kati nkimanyi ebimu ku byo bimpi, kale tetujja kubalwisaawo nnyo wano. Kati, mulindeeko nsooke mbifune.

143 Kaakati, bw'olaba wano ekigambo, *ekiwummulo*, tegeera nti ekyo kitegeeza "ssabbiiti."

144 Kati, Endagaano Empya egamba bw'eti. Yesu, mu njiri y'Omutukuvu Matayo, Atandikira mu ssuula ey'oku 5 ey'enjiri y'Omutukuvu Matayo, n'Atandika bw'ati: "Mwawulira ab'edda, bwe baagambibwa nti, 'Toyendanga.'" Ekyo, ekyo kyali kiki? Gaali mateeka, ebiragiro. "Naye Nange mbagamba, nti, buli muntu atunuulira omukazi okumwakirako." Yalikyusa, si bwe kiri? "Mwawulira ab'edda, bwe baagambibwa nti, 'Tottanga,' naye Nange mbagamba nti!" Yalikyusa, si bwe kiri? (Mbadde ndowooza nti amateeka Teyagakyusa?) Kale. Yagamba nti, "Naye Mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we awatali nsonga nga amaze okutta." Ekyo mu Ndagaano Enkadde tekyaliyo, eyo Ndagaano Empya. Yasima n'ayingira buziba okusukka gali we gaali gakoma. Mukiraba? Yagenda mu maaso n'awa ebiragiro ebyo, naye, Yabuuka, ery'okuna Yalibuuka, nga lwe lunaku olw'omusanvu. Kati mu ssuula ey'o 7, we Ya . . .

145 Mu kuyigiriza ku bisaanyizo bya bannamukisa, Yagamba bw'ati, Yagamba nti, "Mwawulira ab'edda, bwe baagambibwa nti, 'Okolanga bw'oti, era tokolanga kino,' naye Nange mbagamba ekyawukana ku ekyo. Mwawulira bwe baagambibwa nti, 'Erinnyo ligattwenga erinnyo, n'eriiso ligattwenga eriiso,' naye Nange mbagamba nti! Mwawulira bye baagambibwa bya njawulo, naye Nange mbagamba nti!"

146 Kati, byonna bwe yabimalaayo, ekiragiro eky'okuna Teyakyogerako. Kati, ekyo kyali kigamba nti, "Ojjukiranga olunaku olwa ssabbiiti era olutukuzanga." Kati Yagamba bw'ati:

> *Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawa ekiwummulo* eri emmeere yammwe.

147 Kaakati mulabeeyo, "Buli eyayendanga yalina okukubwa amayinja," yalina kukwatibwa mu kikolwa eky'obwenzi. Si bwe kiri? Era kyalina okukolebwa mu mubiri mu buliwo. "Buli atta," yalina kuba mutemu.

148 Naye Yesu n'agamba nti, "Buli muntu atunuulira omukazi," emmeeme ye, omwoyo, ku mulundi guno tekikwata ku mubiri gwe. Kati omwoyo gwe gwanunulibwa, mu kiseera kiri gwali tegunnanunulibwa; gaali mutwazi, mukiraba, ky'ekyo amateeka kye gaali. Kati Yagamba nti, "Buli muntu atunuulira omukazi okumwakirako aba amaze okwenda naye mu mutima gwe." Kati Yagamba nti, "Mwawulira bwe baagambibwa nti, 'Tottanga,' naye Nze mbagamba nti buli asunguwalira muganda we awatali nsonga nga amaze okutta."

149 Kati Yagamba, mu bigambo ebirala, nga ayogera ku ssabbiiti, Yagamba nti:

> *Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era . . . abazitoowereddwa, nange nnaabawa ekiwummulo* eri

emmeere zammwe, ssabbiiti eri emmeeme zammwe. (Si eri mubiri, eri *emmeeme* yo.)

150 Kaakati, muwulire—muwulire Pawulo kati. Singa musobola oku . . . Nkimanyi ebbugumu liyitiridde okukamala na buli kimu, naye, ne wano ebbugumu lingi. Naye, kati, leka tugguse ensonga eno kati tukakase nti tugittaanya. Kati, Pawulo, awandiikira Abaebbulaniya. Abaebbulaniya be baali b'ani? Mwogere nnyo. Be Bayudaaya. Si bwe kiri? Kati, abo be baali bakuuma amateeka, abakuuma ssabbiiti. Si bwe kiri? Ekyo kituufu, ow'oluganda, omubuulizi? Be baali bakuuma ssabbiiti, be baali bakuuma amateeka. Kale.

151 Kati, Pawulo aleeta Abayudaaya, okuyita mu bisiikirize n'ebifaananyi, nga alaga amateeka kye gaali gakiikirira nga, "Amateeka bwe gaalina ekisiikirize eky'ebintu ebirungi ebyali bigenda okujja," era agenda mu maaso mu kifo ekimu n'agageraageranya n'omwezi n'enjuba. Nga o—o—omwezi bwe guli ekisiikirize ky'enjuba eyaka mu ggwanga eddala manyanga mu nsi endala, ekitangaala kyayo ne kirabisibwa wano. Kaakati, naye kati, naye tegusobola, e . . . Abaebbulaniya 9.

152 Kati, kaakano mwekkaanye mu Abebbulaniya 4, atuuka ku nsonga ya ssabbiiti. Kati mulabeeyo:

> *Kale tutyenga, nti, okusuubiza* okw'okuyingira *mu kiwummulo kye nga bwe kukyatulekeddwa, . . .*

153 Kaakano, kati Pawulo ayogera eri abakuuma ssabbiiti, abantu abaali bakuuma olunaku lwa ssabbiiti. "Kale tutyenga si kulwa nga ekisuubizo ekikyatulekeddwawo okuyingira mu lunaku lwa ssabbiiti," mu ngeri endala. Oba bw'oneetegereza mu muwaatwa awali bye bajulizaako, oba "okukuuma ssabbiiti." Mu yange kiwandiikiddwaako ennyukuta "*j*", okuva mu Bayibuli ya Scofield, oba "okukuuma ssabbiiti." Mukiraba? Kale.

> *Kale . . . tutyenga, nti, okusuubiza nga bwe kukyatulekeddwaawo . . . okulabika nga tetukutuuseeko.*
>
> *Kubanga naffe twabuulirwa enjiri, era nga nabo* (mu kiseera ky'amateeka): *naye ekigambo eky'okuwulira tekyabagasa bo, kubanga tebaakigattamu kukkiriza* eri *abo abaakiwulira.*

154 Kati, ekyo ky'ekiseera kiri eky'amateeka. Tebaalina kukkiriza, kubanga tewaali we bakwesigamya. Mukiraba? Kale:

> *Kubanga ffe abaamala okukkiriza* okuyingira *mu kiwummulo* Kye*, nga bwe yayogera, . . .*

155 Kati, ekiwummulo "Kye." Kati, "Ekikye", kitegeeza Ekiwummulo kya Kristo. Kale, Ekiwummulo Kye, "ssabbiiti" Ye. Kati buli lwe nnaakozesa *ekiwummulo*,

kye kiwandiikiddwaawo, naye ŋŋenda kukozesa "ssabbiiti" musobole okutegeera eky'okukuuma olunaku. Mukiraba?

> *Kubanga ffe abaamala okukkiriza* okuyingira *mu ssabbiiti* Ye, *ekiwummulo, nga bwe yayogera,* . . . *Nga bwe nnalayirira mu busungu bwange,* (eri Abaebbulaniya) *nti tebaliyingira mu kiwummulo kyange: newankubadde* . . . (Kati, mwekkaanye Pawulo bw'agenda okulufuula olunaku lwa Katonda olutukuvu) . . . *newankubadde nga emirimu gyaggwa okuva mu kutondebwa kw'ensi.*

> *Kubanga waliwo w'ayogerera ku lunaku olwomusanvu* nga olw'okuwummula, oba ssabbiiti . . . (Si bwe kiri? Ekyo ŋŋenda kukikkaatiriza, mukiraba.)

> *Kubanga waliwo w'ayogerera* (mu mateeka) *ku lunaku olwomusanvu bw'ati, Katonda n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu mu mirimu gye gyonna.*

156 Olwo lwe lunaku lwammwe olw'omusanvu. Kati, Pawulo yasobola okukikkiriza nti Katonda yalubawa, olwo lwe lwali olunaku olw'omusanvu. Era Katonda yawummula ku lunaku olw'omusanvu, Yawa omukisa olunaku lwa ssabbiiti, Yalwawula, n'Alutukuza, n'alufuula olunaku olw'okuwummula. Katonda yawummula, okuva mu mirimu Gye gyonna.

> *Era nate ne mu kifo kino, Tebaliyingira mu kiwummulo kyange.* (Nga Yesu y'ayogera.)

157 Kati, waliwo ssabbiiti endala awantu awamu. Eri ludda wa? Kati, mujjukire nti kino wano, "ky'ekiwummulo kya Katonda," olunaku olwo olw'omusanvu. Pawulo yagamba nti, "Ekyo baakirina mu kifo ekimu." Naye kati ate yaddamu n'agamba nti, "Tebaliyingira mu Kiwummulo Kyange," nga ayogera ku Yesu mu Matayo kale.

> *Kale kubanga kisigaddeyo abalala okukiyingiramu, ne* bali *be kyasooka okubuulirwa* . . . *ne batayingira olw'obutakkiriza:*

> *Nate,* . . .

158 Kati muwulirize n'obwegendereza! Buli awuliriza, gamba nti "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Muwulirize:

> *Nate, ayawula olunaku gundi,* . . .

159 Yayawula olunaku olulala wano. Lwali lunaku ki? Ffenna tulwogere omulundi gumu. Ssabbiiti! Si bwe kiri? Yayawula olunaku olw'omusanvu mu wiiki nga ssabbiiti mu kifo kino.

> *Nate,* yayawula *olunaku gundi, ng'ayogerera mu Dawudi* (mu Zzabbuli) nti, *Leero, oluvannyuma lw'ebiro ebingi;* (okutuusa Yesu lw'alijja, mukiraba, omulundi ogusooka) . . . *nga bwe kyogeddwa*

*nti, Leero*. . .*bwe munaawulira eddoboozi lye, temukakanyaza* mutima *gwammwe.* (waliwo okuwummula okulala okujja; si kwa mubiri, wabula kwa *mwoyo*)

160 Kaakati, mulabeeyo. Ha, oyinza okugamba nti, "Naye, naffe tulina olunaku olw'omusanvu." Kati, lindako katono nnyo. Leka tusome olunyiriri oluddako, okiraba, toyanguwa kulwogerako. Kale:

> *Kubanga ssinga Yesu* yali *yabawa*. . .*Kubanga ssinga—ssinga Yesu* yali *yabawa ekiwummulo,* olunaku olw'okuwummula, *teyandyogedde ku lunaku lulala* oluvannyuma *lw'ebyo.*

161 Bwe Yakyusa amateeka, okuva mu mateeka okudda mu kisa, Teyandibawadde lunaku lwa kuwummula, olunaku olw'okuwummula, nti lunaku gundi? Naye ssabbiiti Teyagyogerako kintu kyonna. Ssande Teyagyogerako kintu kyonna, Olw'omukaaga Teyalwogerako kintu kyonna. Naye Yagamba bw'ati, Pawulo bwe yagamba. Kaakati mwekkaanye, "Kale. . ." Olunyiriri olw'e 19. . .manya olw'o 9:

> *Kale wasigaddeyo* ssabbiiti *eri abantu ba Katonda.* (Ekyo ky'ekiseera kino!). . .*Kale* wasigaddeyo. . . ssabbiiti *eri abantu ba Katonda.*
>
> *Kubanga oyo* (ggwe nange) ayingidde *mu kiwummulo kye* (Ekiwummulo kya Yesu, "Mujje gye Ndi mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, Nange nnaabawummuza"), *oyo* (ggwe nange) aba *awummudde mu mirimu gye ye, nga Katonda bwe yawummula mu gigye* ku lubereberye.

162 Amiina! Eyo ye ssabbiiti yo. Si bwe kiri?

> *Kale tufubenga*. . .(Pawulo bwe yagamba). . . *okuyingira mu kiwummulo ekyo, omuntu yenna aleme okugwa mu ngeri eyo ey'obutakkiriza* (obw'okukuuma ennaku n'ebiringa ebyo, mukiraba).
>
> *Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula*. . .*kyawula obulamu,*. . .era *kyangu okwawula*. . .*n'oku*. . . (leka tulabe). . .*okw'omwoyo, n'okwa*. . .(musooke mulindeko). . .*ne kyawula obulamu n'omwoyo, ne*. . . *ennyingo n'obusomyo, era*. . .*okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima.*
>
> *So siwali kitonde*. . .ekitalabisibwa *mu maaso ge:* kubanga *ebintu byonna byeruliddwa era* bibikkuliddwa mu maaso Ge *oyo gwe tuleetera ebigambo byaffe.*

163 Kaakati, mulabeeyo, Katonda yawummula ku lunaku olw'omusanvu, yatonda olunaku olw'omusanvu, n'aluwa

Abayudaaya okuba ekijjukizo. Kati, wano eno, njogera ku Mutukuvu Paul, mukiraba. Kati, mulowooza nga yakireeta? Mulowooza nti yalina olukusa okukikola? Kati, yagamba atya mu Abaggalatiya 1:8? “Ne bw’aba Malayika okuva mu Ggulu ssinga ajja n’abayigiriza enjiri endala eyawukana ne bye njogedde, akolimirwe.” Mukiraba, enjiri zitegeerekeka bulungi. Kaakati, mulabeeyo.

164 “Kati, Ow’oluganda Branham, kati nnina kukola ki, kukkiriza bukkiriza Yesu Kristo?” Nedda. Ekyo si kye Kiwummulo.

165 Kati, bwe muba mwagala okumanya . . . Bameka abandyagadde okumanya Ekiwummulo ky’Omukristaayo kye kiki, mugambe nti “Amiina.” [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.] Kati, musobola okukirambako bwe muba mwagala, Isaaya 28. Yagamba nti, “Kiteekwa kuba kiragiro ku kiragiro—kiragiro,” bwe yali ayogera. “Kiteekwa kuba kiragiro ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri, wano katono awo katono, era munywerezenga ddala ekyo ekirungi.” Nabbi ng’ayogera ku kiseera ekyali kijja, ku Kiwummulo, ssabbiiti. Soma essuula yonna, olabe, agamba nti, “Ekiseera kirituuka olunaku lwa ssabbiiti lwe luliggyibwaawo,” era balitunda engatto ku Lwomukaaga nga bwe bazitunda ku Mmande, oba olunaku olulala lwonna. Mukiraba? N’agamba nti, “Ekiseera kino kiribaawo ddi?” N’agamba nti:

> . . . *ekiragiro ku kiragiro;* . . . *lunyiriri ku lunyiriri; wano katono, awo katono:* munywerezenga ddala ekyo ekirungi.
>
> *Kubanga ndyogera n’abantu bano n’emimwa emigenyi era* n’ennimi endala.
>
> . . . Era *eno ye* ssabbiiti, *kwe kwummula*, kwe Nnagamba mwe balina okuyingira. Naye n’Ebyo byonna era ne bakakanyaza emitima gyabwe ne banyeenya emitwe ne bakigaana. (Ekintu kye kimu kyennyini kye baakola ku Pentekoote Omwoyo Omutukuvu bwe yakka ku bantu, Omwoyo Omutukuvu lwe yasooka okuweebwa abantu mu kiseera kiri ku lunaku lwa Pentekoote. Ekyo kye Kiwummulo, ye ssabbiiti eri abantu ba Katonda.) . . .

166 N’olwekyo ensonga yokka lwaki tukuuma Ssande, ekyatandikibwaawo bakitaffe ab’edda aba Bayibuli, Omutukuvu Pawulo, Yokaana, Matayo, Makko, Lukka, n’abalala bonna, baatambulanga nga bava nju ku nju, ne balya okussa ekimu ku lunaku olusooka mu wiiki abayigirizwa bwe baakuŋŋaananga awamu, era tebaaluyitanga ssabbiiti, wabula baaluyitanga lunaku lwa Mukama waffe.

167 Yokaana yagamba, bwe yali ku kizinga Patumo, yali yamala dda okutuuzibwa mu butongole mu kkanisa n’agamba nti,

"Nnali mu Mwoyo ku lunaku lwa Mukama." Bwe kiri. Mukiraba? Era nga ali eyo yalaba . . .

168 Era—era, kati, olunaku lwa Mukama lwe—lwe lunaku Mukama lwe yazuukira. Kati, genda onoonye munnabyafaayo, Josephus, Agabus, n'abalala bangi ku abo, manyanga, si Agabus, ha, nneerabidde . . . Omu ku bawandiisi baabwe ab'edda, ojja kukizuula mu ebyo bye baawaandiika. Bannabyafaayo b'ekkanisa, ekitabo *Foxe's Book of Martyrs*, bingi ku bitabo ebyo, era ojja kukizuula mu bitabo ebyo nti enjawulo yokka . . . Waaliwo ebibinja by'Abayudaaya eby'enjawulo. Ekimu ku bibinja ebyo baali bayitibwa "abalya abantu," abo nga be Bakristaayo. Baagamba nti, "Waaliwo omusajja Pontiyo Piraato gwe yatta, abayigirizwa ne bajja ne babba omulambo gwe. Ne bagutwala ne bagukweka, era buli—buli Ssande bagenda ne balyako ekitundu ku ggwo." Kwali kussa kimu kwe baalyanga, mukiraba. Baali . . . Baalyanga mubiri Gwe, mukiraba. Baagamba mbu baali balya mubiri gwa Mukama waabwe, okussa ekimu. Naye bali tebaategeera bano kye bategeeza, kye baava bagamba nti, "Baali balya abantu." Ne bagamba nti, "Bagenda ne balya ku lunaku olusooka mu wiiki, basisinkana ne balya omulambo gw'omusajja ono."

169 Era engeri yokka gye wali osobola okumanya oba baali abo abakuuma amateeka era abawakanyiza ddala okuzuukira, oba baali Bakristaayo era nga bakkiriza okuzuukira, ekibinja ekimu kyagendanga ku kkanisa ku Lwomukaaga ate ekirala ku kkanisa kyagendangayo ku Ssande, nga ke kaali akabonero akabaawula.

170 Ekyo kikalubira ddala, si bwe kiri? Kale. Ka nsuubire ekyo mukitegedde. Omwoyo Omutukuvu a . . .

171 Kati, olina ky'olina awo, ow'oluganda? Oyagala . . . Wandyagadde—wandyagadde okujja mu maaso okyanukule? Leka tulabe, wano wennyini. O, weewaawo.

**5. Abayudaaya balisigala bakyalina omukisa ogw'okulokolebwa ekiseera ky'Ab'amawanga bwe kiriba kiweddeko?**

172 Ha, bannange, ekyo si kirungi nnyo! Tetulina budde bumala kukigenda mu buziba, naye muleke mbabuulire kino. Era mutwale ekigambo kyange, ŋŋenda kubalaga. Nga nkozesa . . . Ssinga musobola okutwala ekigambo kyange (nga bwe nkinnyonnyola) eri Katonda, oluvannyuma mujja kugenda mukinoonyerezeeko, mulaba, mujja kukizuula. Kubanga ndowooza . . . Ssisobola kulaba ssaawa, naye ndowooza ziyise . . . Ziri ssaawa mmeka? Mmeka? Ssatu kitundu. Nkyalina okugenda mu ddwaliro, ate nnina n'okugenda mu New Albany, era tulina okuzuukuka ku ssaawa mwenda n'eddakiika abiri mu ttaano ku makya. Kale . . . Ate wiiki eno ssinnafuna kakisa kwebaka nga tezinnawera ssaawa munaana oba mwenda ogw'ekiro kyonna.

173 Kaakati mwetegereze wano, mu bwangu kati, twanukule ekibuuzo kino. Weewaawo, mukwano gwange omwagalwa Omukristaayo, ekiseera ky'Ab'amawanga kiweddeyo, kiri mu kuggwaako kaakano. Era Katonda ajja kuddayo eri Abayudaaya. Era leka njogere eri ekkanisa eno entono nti nsaba obutaweera. Era waliwo obunnabbi okuva mu bitundu by'eggwanga eby'enjawulo, obujja wano obukwata ku nsonga eno. Nzikiriza nti Abayudaaya . . . Kati, mukkakkane okumala akaseera katono ddala, kati.

174 Waliwo ekintu kimu Abayudaaya kye baalemwa okutegeera ku kkanisa y'Abakristaayo. Abayudaaya baŋŋambye, emirundi egiwera nti, "Ow'oluganda, tosobola kutemaatemamu Katonda bitundu bisatu n'omumpa." Omuyudaaya alina Katonda omu, era oyo ye Yakuwa.

175 Naye Munnamawanga ekyo akinyoddennyodde, okutuusa lw'akiyigirizza mu ngeri etategeerekeka, ate, nga akimanyi. Nzikiriza nti a—alina—akitegeera, nti teriiyo bakatonda basatu. Waliyo Katonda omu, mu nneeyoleka za mirundi esatu. Engeri ssatu mu Muntu omu. Era singa musobola okufuna obubaka, nnagamba Hyman Appleman . . . Bangi ku mmwe mumumanyi. Yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ssinga otwala obubaka obwo e Palestina n'obubonero n'ebyewuunyo," n'agamba nti, "wajja kubaawo Abayudaaya akakadde kalamba abasembeza Yesu Kristo nga Omulokozi waabwe." Mukiraba, ekyo kituufu. Kati, nnagamba nti . . .

176 Buno bwe Bubaka bwe tulina wano. Yesu yali Yakuwa eyeekwese emabega w'omubiri, eyakka wansi nga yeekwese. Kati, Katonda (Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu) tekiri nga bw'olaba olugalo lwo, olumu, nga abantu abamu bwe balowooza. Nti ekintu kyonna kiringa . . . Nedda, Katonda ye . . . Naakamala okukibalambululira akaseera katono akaakayita, mukiraba, nti waliwo obusatu mu oyo Omu.

177 Nange ndi busatu mu omu. Ndi mmeeme, omubiri, n'omwoyo, mu muntu omu. Si bwe kiri? Weewaawo. Kati nkolebwa—nkolebwa o—obutoffaali, omusaayi, n'obusimu, ate nga ndi kitonde kimu. Mukiraba? Buli kimu kyonna ky'otunuulira kiri mu busatu, era kikolebwa busatu mu kimu.

178 Mu kyombo mwalimu obusatu. Omwaliiro ogwa wansi, ogw'ebyewalula; omwaliiro ogw'okubiri ogw'ebinyonyi, ebibuuka; n'omwaliiro ogw'okusatu ogwa Nuuwa n'ab'omu maka ge. Buli kimu!

179 Mu weema. Waaliwo ekibiina, ekifo ekitukuvu, n'Awatukuvu w'awatukuvu. Mukiraba?

180 Era wabaddewo emirembe esatu egy'enjawulo. Ogwa Kitaffe, ogw'Omwana, n'ebiro by'Omwoyo Omutukuvu. Mulaba kye ntegeeza? Naye abasatu abo bonna . . . Tetugamba nti, "Bakatonda baffe." Abo bakaafiiri be boogera bwe batyo, era

ekyo Omuyudaaya akimanyi. Naye bw'okimunnyonnyola nti Yesu ono YE Katonda, Yakuwa Katonda, si muperesoona wa kubiri oba muperesoona wa kusatu, naye ye Muntu y'omu buli kiseera nga Yeeyoleka. Mukiraba? N'ogattako obubonero n'ebyamagero okukakasa nti Yesu yazuukira okuva mu bafu.

181 Era omusawo ono Dokita Reidhead. . .

182 Ow'oluganda atudde emabega awo, omuyigiriza w'ekkanisa, musomesa mu, omusomesa w'essomero, ali wano mu kkanisa ekiro kino, nnamulabye, era nnakutteko mukyala we mu ngalo wamu n'omwana emabega wali. Yali azze okumuwulira ng'abuulira ekiro kya luli. Ndowooza weebali, bwe baba tebaagenze, nzikiriza musomesa wa ssomero mu Louisville. Naye kale, baali bazze okumuwulira.

183 Kyewuunyisa, omusajja yajja ewange, ye n'omusajja omulala (n'Omuyudaaya), emyezi mitono egyakayita. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnina ddiguli *bwe-ziti* okuva mu yunivaasite ya Bob Jones. Nnina. . .okuva mu yunivaasite ya Wheaton." Nga alina obuyigirize obwa buli kika! N'agamba nti, "Mbadde nzikiriza Katonda okuviira ddala nga nkyali kalenzi kato." N'agamba nti, "Naye obulamu bwange n'okutuusa kati bukyalimu omuwaatwa!" N'ambuuza nti, "Abasomesa babadde bakyamu?"

184 Era bwe kiti bwe kyali. Bwe wabaawo. . .Bwe wabaawo abamu ku mmwe abaali ku kkanisa y'Oluggi Oluggule ekiro kya luli, bwe twaliyo abatonotono nga tubuulira wamu. Yagamba nti, "Bwe nnafuna obuyinza. . ." Kati, mbasaba muwulirize, ab'ekkuŋŋaaniro lino ettono, olw'essaala zammwe n'ebintu ebiyambye, muwulire kino. Ekyo yakiŋŋamba mabegako, wano mu nnyumba.

185 Yajja mu nnyumba yange, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "Nnawuniikirira." N'ambuuza nti, "Waliwo ekintu kyonna ekisinga kino kye nnakkiriza era kye nnasembeza, bwe nnasembeza Kristo nga Omulokozi wange? Era nzikiriza nti nnazaalibwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo, naye ssirina bujulizi bwonna."

186 Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, newankubadde nga nkyawa okukyogera, naye abasomesa baakulimba, okusoma kwo."

187 Mulabeeyo, nga bwe—nsobola okwogera nti, sikkiririza mu kwetemera kkubo likutwala mu Ggulu: "Kino okikkiriza?" mu makanisa, "Kati, wano eno, leka nneetemere ekkubo mpite wano eno, ba—Bayibuli egamba *bw'eti*, ekyo okikkiriza?" Ssetaani akkiriza n'okukankana n'akankana! Ky'okkiriza si ky'ekikulu. Omwoyo wo ateekwa okujulira awamu n'Omwoyo We nti muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, okuyita mu kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri n'okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu.

188 Yambuuza nti, “Ow’oluganda Branham, olowooza ki ku Bapentekoote?”

189 Ne mmugamba nti, “Eyo y’ensonga lwaki nkolagana nabo. Y’ensonga lwaki ndi—ndi nabo, waliwo kye balina kye mutalina.” Ne ŋŋamba nti, “Mu bye bakola eby’obuzoole n’ebirala, waliwo amazima ge balina ge mutamanyiiko.” Awo nnali njogera n’omu ku basajja abasingayo okuba ab’amaanyi mu Amerika, mu kaseera ako. Yee, ssebo. Ye pulezidenti wa Sudan Missions, y’asinga obukulu mu nsi yonna, mukuukuutivu mu byawandiikibwa. Yali amanyi Ebyawandiikibwa, n’*okufa*, *okuziikibwa* n’*okuzuukira*, nga asobola okubibuulira ng’ennyumba ekutte omuliro. Naye ekyo si ky’ekikulu. Ekyo, ne ssetaani asobola okukikola. Ne ssetaani mukuukuutivu mu kumanya ebyawandiikibwa.

190 Naye, ow’oluganda, Yesu Kristo yagamba nti, “Okuggyako nga omuntu azaaliddwa Omwoyo wa Katonda taliraba Bwakabaka bwa Katonda.”

191 Si lwakuba ogamba nti, “Weewaawo, ekyo nkikkiriza. Weewaawo, ekyo nzi—nzikiriza bwe kityo bwe kiri. Ekyo nkikkiriza. Weewaawo.” Ekyo tekikikola. Bulina kuba bumanyirivu ddala bwennyini obw’Okuzaalibwa obuggya. Kirina kuba kintu ekibaawo wakati wo ne Katonda nga okimanyi nti wava mu kufa n’oyingira mu Bulamu.

192 Kye yava ambuuza nti, “Ow’oluganda Branham, nsobola okufuna Omwoyo Omutukuvu?”

193 Ne mmugamba nti, “Nnaakava okuteeka emikono ku Hyman Appleman emmanga wali, n’afuna okubatizibwa kw’Omwoyo Omutukuvu.”

194 Ne Omuyudaaya ono omulala naye n’atulika n’akaaba, n’amenya giraasi eyali ku kameeza akaali awo, n’akulukusa amaziga agawerako awo. Bombi ne bambuuza nti, “Ow’oluganda Branham, tufuna tutya Omwoyo Omutukuvu?” Abakenkufu! Aboogi b’obwongo, abasajja abagezi! Abasingirayo ddala be tulina mu ggwanga!

195 Kye nnava mbagamba nti, “Engeri y’abatume ey’okufunamu Omwoyo Omutukuvu kwe kubateekako emikono.” Bwe kiri.

196 “Kuteekako mikono.” Ananiya yajja ateeke emikono ku Pawulo asobole okuzibula era ajjuzibwe n’Omwoyo Omutukuvu.

197 Firipo yaserengeta n’agenda abuulira emmanga eyo, n’abatiza ekibinja ky’abantu bonna abaali emmanga eyo mu Linnya lya Yesu Kristo. Naye Omwoyo Omutukuvu yali tannaba kubakkako n’omu ku bo, kubanga Peetero ye yalina ebisumuluzo. Era bwe yajja, n’abassaako emikono, ne bafuna Omwoyo Omutukuvu. Si bwe kyali?

198 Pawulo, mu Bikolwa by’Abatume 19, bwe yamala okusomoka. Apolo, eyali nga Billy Graham engulu eyo, yalina

okudda obuggya okunene okw'amaanyi n'ekiseera ekirungi ennyo. N'ababuuza nti, "Mwaweebwa Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?" nga abuuza ekibinja ky'Ababaputisiti abo.

199 Ne bamugamba nti, "Ffe tuli bagoberezi ba Yokaana. Tukimanyi! Apolo ye mubuulizi waffe, munnamateeka eyalokoka, ye musajja asinga obugezi mu ggwanga."

200 N'ababuuza nti, "Naye mwaweebwa Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?"

Ne bamugamba nti, "Tetumanyi na kumanya nti waliyo Omwoyo Omutukuvu."

N'ababuuza nti, "Kati olwo mwabatizibwa mutya?"

Ne bamugamba nti, "Twabatizibwa mu kubatizibwa kwa Yokaana."

201 N'abagamba nti, "Oyo yabatizanga kubatiza kwa kwenenya, nga abagamba mukkirize Oyo agenda okujja, mukkirize Yesu Kristo." Era bwe baawulira Bino, ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Pawulo n'abassaako emikono ne baweebwa Omwoyo Omutukuvu, ne batandika okwogera mu nnimi n'okugulumiza Katonda. Ekyo kitegeerekeka nga bwe mmanyi Ebyawandiikibwa.

202 Kati, labayo, mukwano gwange! Wano muyinza okubaawo n'endowooza ez'enjawulo ezaawukana, kubanga tutabuddwatabuddwa na buli kimu. Naye leka tukyogere nga bwe kiri, leka kugezaako kukiteekamu ntaputa yo. Yogera ekyo Bayibuli ky'eyogera, Gisome bw'oti.

203 Ne mbagamba nti, "Ekintu kyokka kye mmanyi, ab'oluganda, kwe kussa emikono ku abo abanoonya Omwoyo Omutukuvu."

204 Kye yava ambuuza nti, "Osobola okutussaako emikono n'o—n'osaba Katonda atuwe omukisa n'atuwa Omwoyo Omutukuvu?"

205 Ne ŋŋamba nti, "Nja kukikola." Ne tufukamira wansi, ne nsaba ne mbateekako emikono. Era wiiki ntono okuva awo, bombiriri baafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Era omusawo ono Dokita Reidhead bwe yafuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, yatanula okwogera mu nnimi endala. Yee, ssebo.

206 Ab'ekitongole kyammwe ekya Sudan Mission ne bagamba nti, "Wano tetulinaawo kifo kya muntu ayogera mu nnimi."

207 N'akomawo gyendi n'aŋŋamba nti, "'Omuntu okwogera obwogezi mu nnimi'?"

208 "Kitegeeza, kitegeeza," ne mmugamba nti, "tebalina kifo kya Yesu Kristo, kubanga Yesu Kristo yayogera mu nnimi ezitamanyiddwa; era yafa, ayogera mu nnimi ezitamanyiddwa."

209 Tebaasobola kukkiriza kuyigiriza kwa Pawulo, Pawulo yayogera mu nnimi okusinga bonna.

210 Waliwo omu eyaŋŋambye olunaku lw'eggulo, nti, "Waakiri njogera ebigambo bitaano bye ntegeera."

211 Naye enjigiriza ya Pawulo yali egamba nti, "Mwegombenga obunnabbi, so temuziyizanga kwogeranga nnimi." Naye babaziyiza okwogera ennimi!

212 Okwogera ennimi kirabo kya Katonda eky'Obwakatonda ekirina okuba mu kkanisa leero mu ngeri y'emu nga bwe kyali luli mu ntandikwa. Ago ge Mazima gennyini. Mazima, ddala! Eyo y'enjigiriza ya Bayibuli. Kirabo eky'Obwakatonda, era bw'okisambajja mu ngeri y'emu nga bwe—bwe musambajja Okuzaalibwa obuggya, obeera osambazze buli kimu Yesu kye yayigiriza ekyo bw'ogezaako okukisala okukiggyamu.

213 Kati, osobola okuyitawo ennyo ku nsonga eyo, bangi ku bo bayiseewo. Naye kye ŋŋamba kiri nti, "Ekyo kirina ekifo kyakyo." Kiringa omugogo gw'engatto; bw'ogula omugogo gw'engatto, obuwempe obwo obubeera wansi w'obuguwa bubeeramu. Era ekyo bwe kiri. Bw'oyingira mu Mubiri gwa Kristo, Katonda abeera agabudde olujjuliro oluliko buli kimu kyonna, wano. Alina okwagala, Alina essanyu.

214 Singa nzija ku lujjuliro lwo ne ntuula, bw'ompita n'oŋŋamba nti, "Omubuulizi, jangu tulye," nzikiriza nti onjagala. Nga olina ebijanjaalo n'obummonde ne kaloti n'enkoko ensiike ne paayi y'ensujju ne ayisi kuliimu, nga byonna biri ku mmeeza. Ddala, nzikiriza mba wa ddembe okulya ku bummonde era nga bwendi ow'eddembe okulya ku bijanjaalo. Ekintu kyokka, nzikiriza mba wa ddembe okulya ku nkoko nga bwendi ow'eddembe okulya ku paayi. Byonna biri ku mmeeza. Era ekintu kyokka kye mba nnina okukola kwe kukugamba nti, "Osobola okunnyamba n'ompeereza ku paayi?" Era nzikiriza n'omutima omulungi ogw'eddembe, olw'okwagala kw'olina gyendi, obeera ojja kuŋŋamba kimu nti, "Weewaawo, muganda wange, toola ekitundu ekinene ekimala." Si bwe kiri? Ssinga nkugamba nti, "Osobola okumpeereza ku lumonde?" "Mazima, ddala, muganda wange, wuuno."

215 Era buli mukisa ogw'obununuzi Yesu Kristo gwe yafiirira n'agugula mu mutango Gwe yasasula e Kalivaaliyo, guli ku mmeeza era buli mukkiriza atudde mu maaso gaagwo. Aleruuya! Bwe mba nneetaaga okuwonyezebwa, ŋŋamba kimu nti, "Kitange, mpeereza okuwonyezebwa," ne nkufukumula ku ssowaani yange ne ndya ekinene . . . Kati, ggwe bw'oba oyagala kufa njala, genda mu maaso ofe. Yee, ssebo. Era bwe buba obunnabbi, okwogera mu nnimi . . .

216 Kati—kati omusajja n'ava awo n'awandiika munda omwo, yali takimanyi nti njogera . . . nnali njogera mu nnimi nze kennyini. Era awandiika ekitabo kino, mujja kukisanga kijja

kubuna amawanga gonna. Kyokka ng'oggyeeko ekyo, omusajja ono alina abaweereza amakumi abiri mu bataano ab'amaanyi okuva mu ttendekero lya Moody Bible Institute abanoonya ekirabo ky'okwogera mu nnimi. Abantu abatambulira ku nnono z'ebyawandiikibwa ate kati beesulise. Magazini eyitibwa *Obulamu Bw'Ekikristaayo*, e—ey'omwezi guno, mukebere mu magazini eyo eyitibwa *Obulamu Bw'Ekikristaayo* ey'omwezi guno, ku lupapula olw'ekkumi n'omwenda, mulabe dokita w'eby'eddiini oyo omukulu, eyabuuza nti, "Kino tukikkirize? Waliwo kye twafiirwa?"

217 Mpulira okuwuuma kw'enkuba ey'omuyiika ng'ejja! Mulina abantu abakinyoddenyodde, naye kati ekiseera kituuse nga Katonda awa ensi y'Ab'amawanga okuyuuguumizibwa n'okubatiza kw'Omwoyo Omutukuvu, nga amufukumula mu bujjuvu Bwe bwonna wamu n'amaanyi n'obubonero n'ebyewuunyo. Ensonga lwaki mbeera . . . Abapentekoote baali baasindiikirizibwa mu nsonda ne bapaala n'ebintu eby'enjawulo bwe bityo, ekiseera kyali tekinnayengera. Y'ensonga lwaki balina obuzoole buno bwonna. Naye ekyo kisuubizo kya Katonda eky'Obwakatonda era Ekigambo kya Katonda eky'Obwakatonda, era Kiteekwa okutuukirira kubanga Katonda bw'atyo bwe yayogera. Era nzikiriza nti ng'omulembe gw'ebiro by'Ab'amawanga tegunnaggwaako Katonda ajja kukifukumula ku batambulira ku nnono z'ebyawandiikibwa.

218 Musobola okukisoma mu katabo ka *Reader's Digest* ak'omwezi guno, akanaafuluma mu Agusito. Mugende mubirabe, ebyogera ku mubuulizi oli Omumesodisiti emmanga eri eyali mu kituuti, ng'asabira omusajja oyo eyali ku kitanda mu ddwaliro nga afa, naye omujulizi w'Omwoyo Omutukuvu n'ajja era omusajja n'awonyezebwa mbagirawo. Aleruuya! Mazima ddala. Katonda alina okuwonyezebwa okw'Obwakatonda weekuli wano ku lujjuliro! Alina obunnabbi buli wano ku mmeeza! Alina okwogera mu nnimi kuli wano ku mmeeza! Alina ebirabo omwenda eby'omwoyo mu Mubiri, era mwanirizibwa eri buli kimu ku byo! Aleruuya! Yee, ssebo, tuli wano.

**Ku . . . Ku nkomerero y'Ab'amawanga, Abayudaaya balizzibwaayo?**

219 Yee, ssebo. Waliwo Ebyawandiikibwa bingi ebyogera ku nsonga eyo, ow'oluganda, oba mwannyinaze, oyo yenna eyabuuzizza. Ekimu ku byo ky'ekya Yoweeri ekigamba nti, "Ebyo akawuka bye kafissizzaawo, akaacaaka kabiridde," n'ebirala, ebikwata ku muti ogwo. Ne Yesu Yennyini yayogera bwe baali ab'okugobebwa n'ebirala byonna. Ha, Ebyawandiikibwa byonna, Danyeri na buli wamu, byonna byogera ku nsonga eyo. Yee, Yesu yagamba nti, "Bwe muliraba omutiini nga gutojjera, mutegeere nti ekiseera kinaatera okutuuka."

Nzikiriza ekibuuzo kino ekirala kirina bwe kyekuusa ku nsonga eyo:

**6. Okkiriza nti okuddayo kw'Abayudaaya—kw'Abayudaaya mu Palesitina kutuukirizibwa kwa bunnabbi bwa Bayibuli? Twawulirako nti ogenda Palestine, kituufu?**

220 Yee. Yee, ssebo. Muleke mbeeko ne kye mbabuulira, ekimu ku bisingayo . . . Bw'oba oyagala okulaba kiseera ki eky'omwaka, tunula ku kalenda. Bw'oba oyagala kulaba essaawa ziri mmeka mu kiro, tunula ku ssaawa. Bw'oba oyagala okulaba kiseera ki mwe tuli, tunula olabe Abayudaaya we bali. Eyo y'essaawa ya Katonda.

221 Kati mulabeeyo! Ekiro kyennyini, olunaku lwennyini, Malayika wa Mukama lwe yansisinkana, 1946, Maayi nga musanvu, ku kyuma kya Green's Mill, mu Indiana, ku lunaku lwe lumu olwo endagaano y'emirembe lwe yassibwako emikono eri Abayudaaya ne batongozebwa nga eggwanga eryetongodde omulundi ogwasookera ddala okumala emyaka enkumi bbiri mu bitaano. Aleruuya!

222 Era, ekiro kino, bendera esingayo obukadde mu nsi yonna, emmunyeenye ya Dawudi ey'ensonda omukaaga, yeewuubira waggulu mu Yerusaalemi omulundi ogusookedde ddala mu myaka enkumi bbiri mu bitaano, okuva lwe baatwalibwa e Babulooni. Yesu yagamba nti, "Bwe muliraba omutiini nga gutojjera." Guugwo! Awo n'Agamba nti, "Muyigire ku lugero lwagwo. Mugamba 'ekiseera ky'omusana kisembedde.' Ne kino bwe mulikiraba, mutegeere nti ekiseera kituuse." Tuli ku nkomerero kwennyini.

223 Mulabe engeri "eky'omuzizo" Danyeri kye yayogerako, n'ebirala, nga bwe mubimanyi, Yesu bwe yagamba. "Omulangira omukulu bw'alijja, Aliragula okumala e—ennaku lukumi mu bibiri mu nkaaga," nga gy'emyaka esatu n'emyezi mukaaga. Era ekyo ky'ekiseera kyennyini Yesu kye yabuulira. Yajja eri Bayudaaya bokka, naye oluvannyuma Alisalibwako olw'e—ekiweebwaayo ky'abantu. "Era eky'omuzizo ekizikiriza," Abasiraamu balizimbawo Omusiraamu gw'e Omali. "Era balirinnyirira ebisenge bya Yerusaalemi okutuusa" (whew! Okutuusa ddi?) "nga ekiseera ky'ebiro by'Ab'amawanga kiweddeko." Okuva awo Aliddayo eri Abayudaaya nate, era awo Olutalo lwa Kalumagedoni we luli . . . Awo we Yayitira Ab'amawanga, okutwala abantu ku lw'Erinnya Lye, Omugole We. Mwekkaanye. Yee, ssebo. Emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi nnya bonna Bayudaaya abaanunulibwa abakyalina okuyimirirayo. Bano bonna . . .

224 Kati Ekkanisa bw'emala okutwalibwa waggulu, Musa ne Eriya balirabika, mu Okubikkulirwa 11, ne bababuulira Yesu Kristo. Omwoyo Omutukuvu aggyibwe ku B'amawanga, Okukwakkulibwa kubeewo Ekkanisa etwalibwe waggulu. Era

Abayudaaya abalisigala wano balibuulirwa okumala emyaka esatu n'ekitundu, kubanga yagamba nti, "Wakyaliwo wiiki nsanvu eziragiddwa eri abantu Bo, era Masiya alisalibwako wakati mu zo." Bw'Alitwalibwa, Ab'amawanga baliweebwa akaagaanya, ne babeera nga balina emyaka emirala esatu n'ekitundu okubuulirwa, ebikwata ku Yesu Kristo.

225 Mazima, Abayudaaya bajja. Era nzikiriza, ow'oluganda, nti bwe tunaatuuka mu Palestina ku mulundi guno. . . O, musabe! Bayibuli eyo bagisoma.

226 Nninayo ensonga endala emu yokka, bwe ngimaliriza nninawo wano ekibuuzo ekitono, ekimpi, olwo bibeere nga biweddeyo. Eno ndowooza ssaala.

227 Mulabeeyo kino! Dokita Reidhead yagamba, bwe yali ayimiridde ayogera n'Omusiraamu omukenkufu. . .

228 Kati, amatu gammwe mugawawule bulungi. Omusiraamu, nnabalaba emitwalo nga ebiri ku bo nga bajja eri Mukama waffe Yesu bwe baalaba obubonero n'ebyewuunyo bwe twali mu Afirika. Kino. . . Manyanga, nedda, tebaali mitwalo ebiri; bonna awamu baali emitwalo esatu. Ndowooza abajja baali omutwalo gumu, kubanga abasinga obungi ku bo baali—baali Basiraamu. Kati bwe baali bayimiridde awo, nnababuuza nti, "Ani ku bannabbi bammwe mu yeekaalu asobola okuwonya omusajja ono?" Ne ŋŋamba nti, "Kiruwa ku bifaananyi byammwe, mmwe bannansangwa, ekisobola okuwonya omusajja ono?" Ne ŋŋamba nti, "Tewali n'ekimu ku byo! Tewali nnabbi yenna mu yeekaalu. . . era tewali kabona yenna, manyanga." Ne ŋŋamba nti, "Tewali kibumbe kisobola kukikola. Nange ssisobola. Naye Katonda w'Eggulu yazuukiza Omwana we Yesu Kristo Oyo omulamu mu bantu leero, y'Amuwonyerezza ddala n'aba nga bwe mumulaba ayimiridde." Omusajja eyali asibiddwa olujegere mu bulago, gwe baalina okukulembera nga embwa. Mu ddakiika emu yokka yali ayimiridde ku bigere bye, nga mulamu bulungi ddala.

229 Kati Dokita Reidhead yaŋŋamba ekiro kya luli bwe twali tutudde awo mu mmotoka, n'agamba nti, "Ha, bannange!" bwe yakirowozaako. Yagamba nti omusajja ono Omusiraamu yajja gy'ali, n'agamba nti yali ayogera n'omusajja ono Omusiraamu, omusajja omuyivu ennyo. N'amubuuza nti, "Naye, ssebo, lwaki teweegaana nnabbi wo oyo eyafa, Muhamadi?"

230 Kati, mujjukire nti, Abasiraamu bakkiririza mu Katonda. Erudda eri mu—mu Afirika, balinayo "ekide" ekinene, "ekide," kye baawanika waggulu bwe batyo. Era bakwata oguyondo ogunene oguliko ekitundu eky'amasanda ne bakuba ekide ekyo bwe batyo, ne kivuga mu kitundu ekyo kyonna. Buli Musiraamu waali n'ayimiriza ky'abaddeko, ne wavaayo kabona n'afuluma yeekaalu, n'agamba nti "Waliwo Katonda omu ow'amazima era omulamu, era Muhammadi ye nnabbi We."

231 Abo baana ba Isimayiri. Mukiraba, Agali, baana ba Ibulayimu abaava mu Agali. Mukiraba? Bakkiririza mu Yakuwa Katonda ow'amazima, naye balowooza nti Yesu . . . (Nti yali . . . Ye Mununuzi *waffe*, eyatumibwa eri Ab'amawanga okuva mu mukazi ow'eddembe; Isaaka, mukiraba, era okuyita mu Saala). Era kati, bo baava mu Agali, Isimayiri, mwe mwava Abasiraamu.

232 Era ku ntaana ya Muhammadi, mujje mugende mugirabe, ewuniikiriza, entaana eyo ennene. Era okumala emyaka enkumi bbiri wabaddengawo embalaasi enjeru essiddwako amatandiiko, nga eyimiridde awo. Muhammadi yasuubiza nti lumu alizuukira n'ava mu bafu ne yeebagala embalaasi eyo n'awamba ensi. Era buli—buli kaseera babeera bakyusa embalaasi eyo nga bateekawo endala; nga bali awo balindiridde n'omukuumi omwesigwa, nga bayimiridde, balinda Muhammadi okuzuukira okuva mu bafu. Waakayitawo emyaka enkumi bbiri kasookedde afa.

233 Bakkiririza mu Yesu, bagamba Yali nnabbi. Ku bisenge ebinene ebya Yerusaalemi ebikadde waliwo ekiggwa ekinene ddala ekyazimbibwawo, nti ekyo Muhammadi mw'alina okujja. N'ekiggwa ekitono wansi wano, nti ekyo ky'ekya Yesu. Mukiraba, baagamba mbu, "Yesu teyakomererwa, baakomereramu mulala." Bagamba nti, "Yeebagala embalaasi n'adduka n'agenda." Mukiraba? Kati, ekyo kye—kye bakkiriza.

234 Balina akabonero akamyufu wakati w'amaaso gaabwe. Mmwe abagenda mu Buyindi, mujja kukalaba. Abaffe, mujja kubasinsikana bali mu nkumi na nkumi.

235 Kati Dokita Reidhead yagamba nti yali ayimiridde awo, kye yava abuuza omusajja ono nti, "Kati, lwaki tova ku nnabbi oyo omufu n'osembeza Oyo Eyazuukira okuva mu bafu, Kristo omulamu?" Kati, yali muyivu nga amanyi engeri y'okusengekamu ebigambo bye.

236 Yagamba nti Omusiraamu yamutunuulira, (omusajja omugezi, eyasoma, yali yasomera wano wennyini, mu Amerika) n'amubuuza nti, "Ssebo, mukulu ssebo, Yesu wo oyo eyazuukira ayinza kunkolera ki ekisinga ku nnabbi wange omufu ky'akoze?" N'agamba nti, "Nabbi wange omufu yansuubiza Obulamu oluvannyuma lw'okufa. Ne Yesu wo kye yakola." Kati, ensonga ye yalimu eggumba. N'agamba nti, "Kati, bombi baawandiika ekitabo. Ggwe okkiriza ekyo Yesu kye yawandiika, nze nzikiriza ekyo Muhammadi kye yawandiika. Bombi basuubiza Obulamu." N'agamba nti, "Yesu wo asobola kunkolera ki ekyo ekisinga ku ekyo Muhammadi wange—wange ky'asobola okunkolera?" Weewaawo, omusajja, yawa ensonga ennyangu, naye nga ge mazima. Yamugamba nti, "Naye sooka olindeko, ssebo ow'ekisa." N'agamba nti, "Nze Muhammadi wange teyansuubizaako bintu nga Yesu wo bye yasuubiza. Yesu wo yasuubiza . . . Baagamba nti, 'Yazuukira,'

era yali wa kubeera naawe ekiseera kyonna, okutuusa ku nkomerero y'ensi; era nti obubonero bwe bumu n'ebyewuunyo bye yakola, naawe olibikola, okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. Nti oliwonya abalwadde, n'ozuukiza abafu, n'olongoosa abagenge, n'ogoba n'emizimu." N'agamba nti, "Nnasoma Obukristaayo, ne mbwekkaanya bulungi." N'agamba nti, "Kaakati ka mbalabe mmwe abayigiriza nga mwolesa ebyo Yesu Kristo bye yakola, nange nnakkiriza nti yazuukira okuva mu bafu. Naye, awatali ekyo . . . Muhammadi teyatusuubizaako bintu nga ebyo, yatusuubiza kimu kyokka Bulamu oluvannyuma lw'okufa. Kati ekyo ky'ekintu ky'ekimu kyennyini nammwe kye muyigiriza, biri ebirala ne mubibuuka." Omusajja yali mutuufu, Omusiraamu yali mutuufu ddala.

237 Dokita Reidhead n'agamba nti yayimirira n'akaaba. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nnakulowoozaako." N'adduka n'ajja wano, n'ayingira munda wali, ne mmuteekako emikono, n'akkibwako okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Era kati alaba n'okwolesebwa n'ebirala. Kati leka Omusiraamu amusisinkane! Musajja wa njawulo!

238 Ŋŋamba nti Yesu waffe yazuukira okuva mu bafu, Mulamu leero. Era Akola ebintu bye bimu leero bye Yakola mu kiseera kiri, obubonero n'ebyewuunyo ebya buli ngeri. Naye mmwe abantu abatambulira ku nnono z'ebyawandiikibwa mutudde awo ekyo mugezaako okukinnyonnyola kifuulannenge, kyokka nga musubwa ekitundu kya Bayibuli ekisingira ddala obukulu. Ky'ekyo kyennyini. Yesu Kristo, Omwana wa Katonda eyazuukira, asobola okwogera n'ennimi endala ng'ayita mu ggwe, Asobola okulagula ng'ayita mu ggwe, Asobola okulaga okwolesebwa ng'ayita mu ggwe, Asobola okuvvuunula ennimi ezitamanyiddwa ng'ayita mu ggwe. Era ebyo byonna biri kitundu ku Ye.

239 Era okutwalako ekitundu *kino* ku Ye ate ekitundu *kiri* ku Ye n'okireka, kuba nga bw'oyinza okunsalamu ebitundu bibiri n'otwalako ebisambi n'amagulu gange wansi n'ogamba nti onnina, ate ekitundu *kino* kyo n'okigaana.

240 Ku bibiri obeera olina okuntwala nzenna mu bujjuvu . . . Era eyo y'ensonga lwaki ndi mubuulizi ow'Enjiri enzijuvu akkiriza nti buli kimu kyonna Katonda kye yayogera ge Mazima. Amiina! Ekitiibwa! Mpulira nga omutukuvu eyeevulunga mu kaseera kano. Yee, ssebo. Nkikkiriza!

**7. Matayo 24:29, woogera ku "Njuba bw'erifuuka ekizikiza, omwezi tegulyolesa musana gwagwo, n'emmunyeenye zirigwa okuva mu ggulu." Kino kiribaawo nga Okukwakkulibwa tekunnabaawo oba nga kumaze okubaawo, oba kiribaawo nga Yesu tannajja kuf-u- . . . kufuga ku nsi?**

241 Okusinziira ku ndowooza yange gye nzikiriza ey'obwetowaze, kati, ssiyinza . . . Simanyi, ndowooza ayogera ku Matayo 24, awo. Kati, Yesu bw'ayogera ku mmunyeenye n'ebintu eby'enjawulo okugwa, nzikiriza ekyo kibaawo nga Ekiseera eky'Ekibonyoobonyo tekinnagwa ku nsi.

242 Kati, wano nninawo ekirowoozo ekisesa ddala abangi ku mmwe kye mugenda obutakkiriziganya nange ku nsonga eno, kubanga, nzikiriza enjigiriza eno twagiyitamu n'abamu ku bakadde ab'edda. Mulaba, sikkiriza nti Ekkanisa eriyita mu Kiseera eky'Ekibonyoobonyo. Nzikiriza nti Ekkanisa ejja . . . Mulabeeyo, nze . . . Engeri yokka gye njigirizaamu Endagaano Empya kwe kukozesa ekisiikirize ky'Endagaano Enkadde, nga Omwoyo Omutukuvu wano bw'ayoleka olunaku lwa ssabbiiti n'ebirala. Buli kimu kyali kisiikirize emabega eri.

243 Kati, muddeeyo mu Ndagaano Enkadde mulabe. Bwe mulaba ebibonyoobonyo nga bigwa, byali mu Misiri. Si bwe kiri? Era Katonda yali aggyayo abantu Be okubatwala mu nsi ensuubize. Si bwe kiri? Naye Isiraeri teyafunana kawumpuli yenna. Kawumpuli bwe . . . yali tannagwa, ne bayingira Goseni. Si bwe kiri? Era enjuba teyazikirako, tewaaliyo nsiri yonna, tewaaliyo bikere, tewaaliyo nsekere, tewaaliyo miyaga, tewaaliyo kumyansa kwa laddu, tewaaliyo kuttibwa kwa nte, era byonna bye baalina byakuumibwa mu Goseni. Si bwe kiri? Ky'ekifaananyi ky'Ekkanisa okugenda ng'Ekiseera ky'Ekibonyoobonyo kinaatera okutandika. Yesu yagamba nti, "Ebintu bino bwe bitanulanga okubaawo, muyimusanga emitwe gyammwe, okununulibwa kwammwe kuliba kusembedde." Mukiraba?

244 Nzikiriza nti omwezi n'enjuba n'emmunyeenye . . . Oluvannyuma ne bagamba nti . . . Genda mu maaso okisome, kigamba nti, "Abantu ne badduka ne beekweka mu . . . ne bagwa ku . . . ne banoonya okwetta, naye ne batayinza, n'ebirala byonna." Nzikiriza nti ekyo kibaawo nga ekiseera eky'Ekibonyoobonyo kinaatera okutandika.

245 Kaakati, mulabeeyo, Ekibonyoobonyo kijja. Ekibonyoobonyo bwe kitandika, nga Ekkanisa egenda waggulu. Kati, mujjukire nti, ekkanisa eya bulijjo etalina Mwoyo Mutukuvu y'eyita mu Kiseera eky'Ekibonyoobonyo. Abalonde bokka be batwalibwa.

246 Ha, wano nsobola okubaako ne kye nnyigawo, mu ddakiika emu yokka. Musobola okumpaayo eddakiika endala ssatu? Abantu a—abalitwalibwa mu kukwakkulibwa bayitibwa batya, abaasigalawo? Si bwe kiri? Kale . . . Manya—manyanga ba—bayitibwa Mugole. Kati, abaasigalawo be baalekebwa.

247 Kati, omukazi bw'agenda okubaako omusono gwa sikaati gw'akomola, mutera okubyogerako. Ayanjuluza jjoola ye ey'olugoye (si bwe kiri?), joola y'olugoye olwo. N'atandika

okulamba omusono gwe ku lugoye luno. N'alamba bulungi omusono gwe w'anaakomolera. Si bwe kiri?

248 Ha, ow'oluganda, kino ddala kigenda kukola bulungi! Ani alonda? Katonda y'alonda! Si bwe kiri? Si nze asalawo, Ye y'asalawo. Era Ateeka omusono ku oyo gw'Aba agutaddeko. Si bwe kiri?

249 Kati, waaliwo embeerera kkumi ezaafuluma okusisinkana Omugole omusajja. Si bwe kiri?

250 "Embeerera" kye kiki? *Embeerera* kitegeeza "omulongoofu, omutukuvu." Si bwe kiri? Omuwala embeerera kye kiki? Ye muwala atakwatibwangako, mbeerera. Kintu ki ekirala ekirongoofu, nga amafuta g'omuzeeyituuni amalongoofu? Kitegeeza nti gakenenuddwa okutuusa ku mutendera lwe gaba nga tegaliimu kintu kyonna, nga malongoofu. Zzaabu omalongoofu y'afaanana atya? Ye zzaabu akubiddwa n'aggwaamu amasengere gonna. . . ayise mu muliro na buli kimu kyonna n'afumbibwa n'aggwaamu amasengere gonna. Si bwe kiri? Ebyuma byonna n'ejjinja erya kkalwe, na buli kimu kyonna, nga bifumbiddwa ne biggwaamu, nga mulongoofu taliimu kintu kyonna.

251 Kati, baali kkumi abaagenda okusisinkana Omugole omusajja. Bw'atyo Yesu bwe yagamba. Si bwe kiri? Ekyo bameka abakkiriziganya nakyo, mugambe nti "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Baali kkumi abaagenda okumusisinkana. Kati, mulabeeyo, bonna baali batukuvu. Kati, okusobola okuba *abatukuvu* baalina "okutukuzibwa," kubanga ogwo gwe mugga gwokka ogutukuza, omutukuvu Katonda gw'alina, kwe kutukuzibwa. Si bwe kiri?

252 Kaakati, mulabeeyo. Bonna bonna ekkumi baali baatukuzibwa, naye abataano tebaalina Mafuta mu ttabaaza zaabwe, ate bataano baalina Amafuta mu ttabaaza zaabwe. Si bwe kiri? *Amafuta* gakiikirira ki? Kati, obulongoofu obwo, si kwe kubeera embeerera. *Amafuta* gooleka "Mwoyo Mutukuvu."

253 Kati, kino singa nkyogera oku. . . ne kibaako engeri gye kikulumya, sikigenderera mu ngeri eyo ey'okukulumya. Kati, nkusaba onsonyiwe, era tolekera awo kujja ku kkanisa. Ndi mu kituuti wano kugezaako kukuyamba. Okiraba? Kaakati, mulabeeyo, leka mbalage.

254 Teriiyo kkanisa yonna ku nsi eyinza kubeera nnongoofu kusinga Banazaliini mu njigiriza zaabwe, n'aba Pilgrim Holiness n'abalala. Si bwe kiri? Bakkiririza ddala mu bulongoofu bw'okutukuzibwa, ka babeere. . . n'abakazi baabwe tebambala yadde mpeta, oba ekintu kyonna. Bakkiririza, mu bulongoofu n'okutukuzibwa, mu buli ngeri. Ebibiina by'Obutukuvu, abo bonna abagoberera amateeka, eyo y'enjigiriza yaabwe, bakkiriza okutukuzibwa. Batukuvu! Abakazi bakuza enviiri ne ziwanvuwa ne bambala ne sikaati empanvu. Omuntu

takkirizibwa na kufunya ku mikono gya ssaati ye, bangi ku bo. Buli kintu, tokkirizibwa yadde okukwata . . . okufuuwa sigala, okunywa omwenge, oba ekintu kyonna . . . Tokkirizibwa kubikola, mukiraba. Batukuvu! Toyinza kubeera mulongoofu kubasinga.

255 Naye ekkanisa y'Abanazaliini y'emu eyo, singa omuntu ayogera mu nnimi mu kkanisa, bamufulumizaawo wabweru. Era bagamba tebayinza yadde okutuula n'omuntu bw'atyo. Kati, ekyo kituufu. Bw'oba tokikkiriza, lumu okigezangako, olikitegeera. Lumu okigezangako. Bakyawa n'okukirowoozaako obulowooza. Bagamba nti, "Oyo ssetaani!"

256 Abataano ku bo . . . Ekkumi ku bo baali mbeerera. Abataano baali bagezi nga balina Amafuta mu ttabaaza zaabwe, ate abalala abataano baali balongoofu bulongoofu era nga batukuvu naye tebaalina Mafuta (baali baatukuzibwa, naye nga tebalina Mwoyo Mutukuvu).

257 "Waliwo bisatu ebitegeeza mu nsi: amazzi, omusaayi, Omwoyo." Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 5:7 . . . Yokaana Ekisooka 5:7, manyanga, wagamba nti "Waliwo basatu abategeeza mu Ggulu: Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, abasatu bano bali Omu. Naye waliwo bisatu ebitegeeza mu nsi: amazzi, omusaayi, n'Omwoyo, tebiri kimu wabula bikkiriziganya mu kimu."

258 Kati, tosobola kuba na Kitaffe nga tolina Mwana. Tosobola kuba na Mwoyo Mutukuvu nga tolina Kitaffe, Mwana, na Mwoyo Mutukuvu. Bonna bali Omu. To . . . Tebaawukanyizika.

259 Naye osobola okuggyibwako omusango nga totukuzibwanga. Era osobola okutukuzibwa nga tolina Mwoyo Mutukuvu; n'obeera mulongoofu, n'otambulira mu bulamu obulongoofu, n'obeera n'ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye n'osambajja Amaanyi ag'okuwonya n'okwogera mu nnimi n'ebirabo bya Katonda eby'ekitalo (na buli kimu ekiri Omwo).

260 Ezo z'embeerera ziri ettaano engezi abaalina Amafuta mu ttabaaza zaabwe, Okukkiriza okw'okukwakkulibwa, nga bakkiriza obubonero bwonna, ebyewuunyo, obunnabbi, na buli kimu. Era abataano bano abaasalibwa ku bali abaasigalira baggyibwawo ne batwalibwa.

261 Kati ne bali abalala baasigala bakyali mbeerera era tebalibula, naye bajja kuyita mu Kiseera eky'Ekibonyoobonyo. Yesu yagamba nti "Walibaawo . . . "

262 Ne bagamba—baagamba nti, "Mutuwe ku Mafuta gammwe, twagala Mwoyo Mutukuvu kati."

263 Kati, buli omu akimanyi bulungi nti Omwoyo Omutukuvu, Zekkaliya 4, ne, ha, Yakobo 5:14, buli omu akimanyi nti—nti gooleka Mwoyo Mutukuvu. Kati, baagamba nti . . . Eyo

y'ensonga lwaki tusiiga amafuta, gakiikirira Mwoyo Mutukuvu; kati, "Amafuta g'Omwoyo," Bayibuli bw'egamba.

264 Kati, *bano* baalina Omwoyo Omutukuvu; ate *bano* nga baatukuzibwa butukuzibwa kyokka. *Bano* baali baatukuzibwa nga *kwogasse* n'okubeera n'Omwoyo Omutukuvu, nga bakkiriza ebyewuunyisa byonna na buli kimu kyonna eky'Amaanyi ga Katonda. Buli kimu Katonda kye yayogerako Wano, baakirina, nga bakikkiriza. Bano baatwalibwa waggulu.

265 Naye *bano* ne bagamba nti, "Kati nno, naffe, mutuweeko."

266 Ne babagamba nti, "Naffe ge tulina gatumala bumazi," ne bavaawo ne bagenda mu Kukwakkulibwa.

267 Ne babagamba nti, "Mugende eri abatunda nammwe mwegulire," bwe batyo bwe baabagamba. Mu kiseera ekyo ne bagenda bagezeeko okusaba babotole, bafune Omwoyo Omutukuvu, naye ekiseera ky'Abamawanga kyali kiweddeko era okuyigganyizibwa ne kubalukawo. Era Agamba nti, "Baasuulibwa mu kizikiza eky'ebweru awaliba okukaaba n'okukuba ebiwoobe n'okuluma obugigi." Naye mu kuzuukira okw'okubiri be baliba endiga eziryawulwa ku mbuzi, naye tebaliba Mugole, tebaliba Balonde. Abo be baasigalira ku Zzadde ly'omukazi.

268 Ekisigalidde kye kiki? Ky'ekitundu ekiba kisaliddwa, ne kirekebwaawo. Kiba ky'ekimu n'ebitundu ebirala. Si bwe kiri? Otuuka n'oyagala okukomola olugoye lwo olw'akapiira, n'oyanjuluza jjoola ennene ey'olugoye olwo olw'akapiira n'otandika okulukomola. Kiri gy'oli bw'oyagala okulambamu omusono ogwo. Ne Katonda kiri gy'ali bw'Ayagala okulambamu omusono gw'ayagala. Agukomola nga bw'ayagala. Si bwe kiri? Naye kati ekitundu kino, ekiba kisigadde ku lugoye luno olw'akapiira, kiba kya lugoye lwe lumu ddala olw'akapiira nga luli olutungiddwaamu ekiteeteeyi. Si bwe kiri? Naye kuba kulonda kwa Katonda. Katonda y'alonda Ekkanisa Ye, Katonda y'ayawula Ekkanisa Ye; Katonda ye yagiteekateeka, ateekateeka Ekkanisa Ye, era Ekkanisa eyo n'agiggyawo n'agitwala! Olwo abasigaddewo ne balekebwa okuyita mu Kiseera eky'Ekibonyoobonyo.

269 Era awo abakenkufu ba Bayibuli bangi leero we bibatabulira, nga balowooza nti Omugole ayita mu Kibonyoobonyo kiri. Waliwo eyaŋŋamba, nti, "Ssaasobodde kukugamba, Ow'oluganda Branham." N'agamba nti, "Nnalabye Omugole nga ali waggulu mu Ggulu. Ne ndaba n'ogusota nga guwandula amazzi mu kamwa kaagwo okulwana n'Omugole. Ne ndaba n'emitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, nga ye Mugole, nga bayimiridde ku Lusozi Sinaayi."

270 Ne mmugamba nti, "Ha, nedda. Nedda. Nedda. Nedda. Wabitabulatabula. Omugole yali mu Ggulu." N'abo *abaasigalira* ku Zzadde ly'omukazi, so si . . . si ekitundu ekyakolebwamu

olugoye, wabula abaasigalira be baaliwo, era okuyigganyizibwa (Obwakabaka bwa Rooma) Obukatoliki bwe bulyegatta ne bagatta wamu amaanyi gaabwe n'ekkanisa Enkulu.

271 We twogerera, okwegatta okwo weekuli . . . Kyali ne ku ttivvi ekiro kya luli. Ekkanisa y'Abamesodisiti egezaako okugatta awamu Abamesodisiti n'Ababaputisiti n'amakanisa gonna agakkiriza Kristo mu bujjuvu gagezaako okwegatta n'Obukatoliki n'okuyimirira mu maaso g'ekyoto kimu eky'awamu. Omulabirizi yagamba atya bwe yali avunaanibwa ekiro kya luli, olw'okubeera Nnaakalyak'ani? Nnali nnyimiridde, nga mbiraba ku ttivvi. Byonna nga bwe byali! Era ekiseera ekyo bwe kirituuka, wajja kubalukawo okuyigganyizibwa. Era Omwoyo Omutukuvu alikka, era Abamesodisiti, n'Ababaputisiti, n'abalala bonna, balyogera ennimi, ne batendereza Katonda, ne bawonya abalwadde ne bawa obunnabbi, era walibaawo obubonero obwa buli ngeri n'ebyewuunyo. Abalonde balisitulibwa waggulu, olwo abalisigalawo ne balekebwa wano okuyita mu Kiseera eky'Ekibonyoobonyo. Era ku nkomerero y'ekiseera, bwe baliraba ekibaddewo, baliba balina okuttibwa nga abajulizi.

272 Kaakati mulabeeyo. Oyinza okumbuuza nti, "Naye, kati, Ow'oluganda Branham, oyagala kuŋŋamba nti wagenda kubaawo . . . nti—nti abantu abo balibaayo ku Ntebe Enjeru ey'Omusango?" Bali . . . Omugole talisalirwa musango. Nedda, ssebo. Ali mu Kristo. Oyingira otya mu Kristo? "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu." Si bwe kiri?

273 Kaakati, mulabeeyo, mulabeeyo wano. Bayibuli egamba nti, "Omusango ne gubaawo, Ebitabo ne bibikkulwa." Si bwe kiri? Ebitabo by'aboonoonyi. "Ne Ekitabo ekirala ne kibikkulwa," nga kye Kitabo ky'Obulamu, era buli muntu n'asalirwa omusango okusinziira ku kyo. Si bwe kiri? Era ani yali akola ogw'okusala omusango? Yesu n'Abatukuvu. Yagamba nti, "Yajja okuweereza, Oyo ow'Edda n'edda waffe, eyalina enviiri Ze nga njeru nga ebyoya by'endiga." N'agamba nti, "N'obukumi emirundi akakumi ne bajja Naye, ne bamuweereza mu Musango." Wano Yesu akomawo nga Kabaka wamu ne Nnabakyala, nga Embaga ewedde, era Awasizza. Wuuno Kabaka ne Nnabakyala bayimiridde wano. N'erudda wano wayimiriddewo ekibinja kiri aky'abaatukuzibwa, Katonda yagamba nti, "Muyimirire wano ku mukono Gwange ogwa ddyo." Ekyo kye Kitabo ekyabikkulwa, baali boonoonyi, "Mudde ku mukono Gwange ogwa kkono." Ku ludda luno we waali ab'amannya agaali gaawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga.

274 Oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, erinnya lyange gye liri lyawandiikibwa, nja kugenda!" Lindako katono!

Yuda Isukalyoti yali yatukuzibwa. Hwyu! Ow'oluganda, kati golokoka, weegaganule, Kino osobole okukifuna, olaba.

275 Yuda Isukalyoti, omwoyo we ye mulabe wa Kristo leero. Ekyo mukimanyi. Yesu ye yali Omwana wa Katonda, eyava ewa Katonda era n'addayo eri Katonda; Yuda ye yali omwana w'okubula, yava mu ggeyeena era n'addayo mu ggeyeena. Yesu yatwala omwonoonyi eyeenenya n'Agenda naye; ne Yuda n'atwala oli ateenenya n'agenda naye, "*Bw'oba* ye ggwe! Bw'oba! Bw'oba! Bw'oba oli Muwonya, kola *kino*, Bw'oba oli *Kino*, kola *kino*." (Mulaba, akabonero ako ak'ekibuuzo ku Kigambo kya Katonda.) "Ennaku z'ebyamagero zaayita. Bwe ziba teziyitanga, kale ndaga *kino*. Bwe kiba! Bwe kiba! Bwe kiba!" Mukiraba?

"Kyonna kituufu," bw'atyo Katonda bwe yagamba.

276 Kaakati mulabeeyo. Yuda Isukalyoti yaggyibwako omusango olw'okukkiriza, n'akkiriza Mukama waffe Yesu Kristo era n'abatizibwa. Bayibuli egamba nti, "Yesu—Yesu yabatiza abayigirizwa, abayigirizwa Be." Kale.

277 Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 17:17, bwe Yali tannabatuma, Yagamba nti, "Obatukuze, Kitange, okuyita mu Mazima. Ekigambo Kyo ge Mazima." Era Ye yali Kigambo, n'okutangirira bwe kwali tekunnakolebwa. Amakulu nti, "Nga eky'okulabirako, Kitange, eky'Omusaayi Gwange ogwayiibwa, bano mbatukuza."

278 Yabawa amaanyi okugoba emyoyo emibi, ne bagenda ne bagoba emizimu. Si bwe kiri? Ne bawonya abalwadde. Si bwe kiri? Ne bakomawo, nga batukuziddwa, basagambiza, babuukabuuka, baleekaana, n'okutendereza Katonda. Si bwe kiri? Ne bagamba nti, "Ne dayimooni zitugondera."

279 Naye Yesu n'abagamba nti, "Temusanyuka kubanga dayimooni zibagondera, naye musanyuke kubanga amannya gammwe gawandiikiddwa mu Kitabo ky'Eggulu." Si bwe kiri? Era Yuda Isukalyoti yali wamu nabo, yali omu ku bo, nga yayitibwaayo, yatukuzibwa, nga n'erinnya lye liwandiikiddwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'Endiga. Soma Matayo 10 olabe oba si bwe kiri. Yabayita buli omu ku bo, ne Yuda n'abalala bonna, ne bajja. N'abatuma, n'abawa obuyinza ku myoyo emibi.

280 Kati weetegereze! Yambala ekikuziyiza okwekanga. Naye Yuda bwe yatambula n'ekkanisa eyo, nga omuwanika w'ekkanisa, nga akola n'omusumba, e. . . Yesu. Naye ekiseera kya Pentekoote bwe kyatuuka, n'alaga langi ze. N'alaga kye yali. Kyokka ne—n'obuntubulamu bwonna bwe yalina, tekyamulobera kwezikiriza ne yeewanika ku muti omusikamooli, okutuukiriza obunnabbi. Era omwoyo gwa Yuda ogwo gujja kujja gukkirize ne Mukama waffe Yesu Kristo. Nga Yesu bwe yagamba nti, "Dayimooni zikkiriza n'okukankana ne

zikankana." Gujja kujja guyigirize okutukuzibwa, gutambulire mu bulamu obutukuvu era obulongoofu nga bwe gusobola; naye bwe kituuka ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu n'ebirabo eby'Omwoyo, gujja kumugaana! Gujja kulaga langi zaagwo buli mulundi. Ogwo gwe mwoyo o- . . .

281 Awo Yesu n'agamba nti, "Mwekuume!" Matayo 24 nate era. "Emyoyo egyo ebiri giriba gifaanagana nnyo okutuusa nti guli gwandikyamizza n'Abalonde bennyini . . ." Si bwe kiri? Omusono guli we guli . . . Ow'oluganda, kyandibadde kirungi n'okkiriza ababuulizi, b'Omwoyo Omutukuvu ab'enkola enkadde abali wano n'otereera ne Katonda. Bwe kiri. Leka kubeera na kifaananyi kya kutya Katonda naye nga Amaanyi ag'okumutya ogasambajja. Amiina! Buli omu awulira bulungi? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

Ffenna bwe tulituuka mu Ggulu,
Nga luliba lunaku lwa ssanyu nnyo!
Ffenna bwe tuliraba Yesu,
Tuliyimba era ne tuleekaana obuwanguzi.

Ffenna bwe tulituuka mu Ggulu,
Nga luliba lunaku lwa ssanyu nnyo!
Ffenna bwe tuliraba Yesu,
Tuliyimba era ne tuleekaana obuwanguzi.

282 Aleruuya! Leka tuyimirireko. Bameka nga omwagala n'omutima gwo gwonna? Yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Mukama atenderezebwe." [Ekibiina kiddamu Ow'oluganda Branham by'ayogera—Omuk.] "Mukama, nzikiriza Enjiri enzijuvu. Nnyamba mbeere omuweereza Wo." Aleruuya! Aleruuya! Mumwagala? ["Amiina."] Mu Bayibuli ba . . .

283 Lumu waliwo omukazi eyaŋŋamba . . . yali muvubuka, ayinza n'okuba ng'awuliriza ekiro kino, abeera busukka kkubo wano. Yajja wano. Yasanga Mwannyinaffe Lula eyasabiranga mu kkanisa wano, yali aleekaana emabega wali. Nnali mbuulira, Ow'oluganda Neville. Omuvubuka oyo n'aŋŋamba nti . . . Kati, yali musomesa wa Ssande sukuulu erudda wano mu kkanisa ya First Baptist. Yaŋŋamba nti, "Billy, nnabadde nnyumirwa okubuulira kwo okutuusa omukazi oli lwe yatandise okukaaba n'okuwoggana nga bw'agamba nti, 'Weebale, Yesu! Mukama atenderezebwe!' Ate buli luvannyuma lw'akaseera" n'agamba nti "waabaddewo omusajja eyabadde agamba nti," (Ow'oluganda Seward) "eyabadde aleekaana nga bw'agamba nti, 'Mukama atenderezebwe! Amiina!'" Kati nnali mbuulira ku *Kufiirwa Obusika Bwo*, Esawu yatunda Obusika bwe. Era nnali ŋŋenda mu maaso n'okubuulira, nga bwe baleekaana, bwe bagenda mu maaso. N'agamba nti, "Ooooh," n'agamba nti, "ekyo—ekyo kyandeetedde okuwulira nga nneesisiwadde." N'agamba nti, "Nnali ssisobola kukigumiikiriza!"

284 Ne mmugamba nti, "Ow'oluganda, bw'olifuna akakisa n'otuuka mu Ggulu olifa obunnyogovu." Ne mmugamba nti, "Nkukakasa mu Ggulu waliyo okuleekaana, emisana n'ekiro." Era ekyo kituufu, ow'oluganda. O, yee, ssebo!

O, njagala okumulaba, mmutunuulire mu maaso Ge,
Nnyimbirenga eyo emirembe n'emirembe nga nnyimba ku kisa Kye ekirokola;
Ku nguudo ez'Ekitiibwa leka nnyimuse eddoboozi lyange;
Okweraliikirira kwonna kuliba kukomye, nga ntuuse eka, okujaguza emirembe gyonna.

O, njagala okumulaba, mmutunuulire mu maaso Ge,
Nnyimbirenga eyo emirembe n'emirembe nga nnyimba ku kisa Kye ekirokola;
Ku nguudo ez'Ekitiibwa leka nnyimuse eddoboozi lyange;
O kweraliikirira kwonna kuliba kukomye, nga ntuuse eka, okujaguza emirembe gyonna.

285 Amiina! Kale, Ow'oluganda Neville. Katonda akuwe omukisa. Linnya waggulu awo era kaseera ko, olaba.

53-0729 Ebibuuzo Ebikwata Ku Kitabo Ky'Oluberebereye, n'Okuddibwamu Kwabyo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings

P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.

www.branham.org